# Omuntu ng'adduka okuva mu maaso ga Mukama.

Jeffersonville, Indiana, USA
Febwali,17 1965

1 Ka tukoteke emitwe gyaffe. Katonda waffe omwagalwa, tuli basanyufu akawungeezi ka leero ku lw'omukisa gwe tulina ogw'okukuŋŋaana fenna wamu nate. Era Ggwe wekka, Mukama, gwe Amanyi nti emitima gyaffe giyayaanidde essaawa eno bwe tusobola okuyimirira mu maaso g'abantu bo wano nate, era tuleete obubaka buno bwe tulowooza nti bukulu nnyo era bwetaagibwa nnyo mu ssaawa eno. Ggwe otuwadde zino ennaku entono kaakati, era tusaba, ow'omukwano Katonda, nti omukono Gwo ogw'ekisa gutubeereko, okutuluŋŋamya era n'okutukulembera. Era tuwe ebintu ebyo bye twetaaga, Mukama, kubanga emitima gyaffe giyayaana okukumanya okusingako bwe tubadde tukumanyi

Tulaba ennimiro y'okukungula ey'amaanyi, etuuse, eyengedde, era tukimanyi nti ensigo kaakati etuuse mu kiseera ky'amakungula. Katonda waffe omwagalwa, tusaba nti otubikuleko ebisusunku ebitwetoloodde, leka tugalamire mu kubeerawo kw'Omwana kaakati, zino ennaku entono eziddako, era twengere eri obwa Kabaka bwa Katonda.

2 Wa omukisa buli luyimba lwona olugenda okuyimbibwa. Wa omukisa buli ssaala, era Oyanukule buli ssaala egenda okusabibwa, Mukama. Lokola abaabula bonna. Bayite bakomewo eri ennyumba ya Katonda omulamu, era n'eri okukuŋŋaana, abo abaali baabula ne bagenda.

Tusaba, Katonda, nti Owonye buli muntu yenna omulwadde anajja wansi wa kasolya kaffe kano. Kituwe, Mukama. Leka waleme kubeerawo muntu yenna munaffu mu masekati gaffe ku nkomerero y'enkuŋŋaana zinno.

Era, Katonda waffe omwagalwa, olwo ne ku lwaffe, ffe abeeyita mu ssaawa eno okubeera ekkanisa, abo abayitibwa okuvaayo, abo bonna okwetoloola ensi abavaayo mu Babulooni okubeera ekitundu ku kutabagana kuno okulungi awamu mu zino ennaku ezisembayo, tusaba Katonda nti emitima gyaffe ogiwe omukisa ogw'amaanyi. Mu mazima ddala tuli bayala, Mukama waffe, era tukaliza muffe buli kintu kyonna eky'ensi kye tumanyi. Mukama, tweyambudde buli kizitowa ekyegatta naffe, era kaakati katuddukenga n'okugumiikiriza, okuwakana okutereddwa mu maaso gaffe. Kituwe, Kitaffe. Era leka tujjule, tubeere ba maanyi, era abakristaayo abasingako nga bwe tubadde, ku nkomerero y'olukuŋŋaana luno, okusinga nga bwe twabadde ng'atuyingira. Leka Katonda Atwale ekitiibwa kyona, tukisabye mu Linnya Lya Yesu. Amiina.

3 Ndowooza nti guno mukisa gw'amaanyi nnyo, olwa leero, gwe mbadde nnindiridde okumala ekiseera. Olunaku luli nnali ngamba mukyala wange, namugamba nti, "Mbeera ntya nnyo, nga nnindiridde okugenda ku kuŋŋaaniro." Mbeera bubeezi…nnina emikwano emirala, era mazima, ngirina, okwetoloola ensi yonna, naye waliwo ekintu ekirala ekiri ku kuŋŋaaniro wano.

Naggibwa okuva mu ttaka lino mu kifo kino wano, Katonda bwe yampa obulamu wano ku nsi; era nteebereza, singa Anaalwawo okujja, nja kuziikibwa mu kifo kino awantu awamu. W'anajjira, Ajja kunsanga awantu awamu mu kifo kino.

Naye, kirabika, waliwo ekintu ekimu, bwentandika okulowooza ku Jeffersonville. Olunaku luli nnali mpulira nga ndi bw'omu; ne ngamba mukyala wange, nnagamba nti, "mpulira njagala kugenda waka, ate si manyi lwaki mpulira nga njagala kugenda waka, okujjako ng'abantu abo be bansabira." Ne ŋŋamba nti, "Kale, nja…ekintu kyokka kye mmanyi okukola kwe kuddayo era ne mbeerayo ne nnaku ntono ez'enkuŋŋaana, tulabe oba tusobola okubeerako ne kye tufuna okuva eri Mukama, obooliyawo Alina ekintu ky'Ayagala tumanye."

Era omutwe omunene, ogw'amaanyi gwe tulina mu maaso gaffe kaakati gwe Okufumbiriganwa n'okwawukana. Era bwe waba nga waliwo ekibuuzo, wateekeddwa okubeerawo n'ekyokwanukula. Tewasobola kubeerawo kibuuzo okujjako nga wamazze kubeerawo eky'okwanukula. Mukama bw'Anaaba Ayagadde, nja kugezaako okwogera ku ekyo, amakya ga ssande.

4 Era awo, ekiro ky'enkya, ndowooza tugenda kubeera wangulu eno ku…esomero eryo baliyita batya? [Ow'oluganda Neville n'agamba nti, Parkview." -Muk.] mu kizimbe ekinene ekya Parkview. Kiki, ssebo? ["Parkview Junior High."] Parkview Junior High. Bameka abamanyi we liri? Kale nteebereza bajja kututekerawo obubonero, ow'oluganda Neville tebabutekewo? ["Yee."] kiri wano wangulu ebitundutundu bisatu bya kuna ebya mayiro , era wajja kubeerawo akabonero. W'owetera okuva ku luguudo. Kizimbe kirungi ekiggulumivu. Kirina ekifo wetusobola okuwumuliza emikono gyaffe, era n'owandiika ebyo by'oyagala okuwandiika, era ne biringa ebyo. Era nkikakasa nti mujja kunnyumirwa okusingako bwe mwandibadde, nga mwennyigiriza wano mu nkuŋŋaana wano munda mu kuŋŋaaniro. Era wajja kubeerayo ebifo ebimala, ebifo by'okuteekamu emmotoka ebimala.

Kaakti, ndowooza balinawo amateeka amatono ge twabadde tulina okusuubiza nti tuteekeddwa okugagondera, nga ge, obutajja mu kifo okutuusa nga saawa ziwezze kkumi na bbiri ne kitundu. [Ow'oluganda Neville n'agamba nti, "Obutagendayo okutuusa saawa kkumi n'emu ne kitundu; obutagendayo nga saawa kkumi n'emu ne kitundu tezinawera." -Muk.] era saawa mmeka… ["Emiryango

gijja kuggulwa ku saawa kkumi na bbiri ne kitundu.”] nzikkiriza kijja kuba kirungi ffe okutuukayo ku saawa kkumi na bbiri ne kitundu.

Kaakati, balina ekizimbe ekirala ekinene wano mu kibuga ekituuza abantu kakaaga. Bwe tunabeera balungi nnyo ku kino, bayinza okutuleka ne tubeera na kiri ekirala ekiseera kyonna mu maaso ku lw'olukuŋŋaana olunene, oboolyawo mu kiseera kyonna mu kiseera ky'ebbugumu bwe nnaaba nkomyewo okuva emitala wa Mayanja.

5 Era bwekityo ndowooza nti tusobola okweteekateeka…eyo wangulu tuyinza kutuuzayo bameka? [Ow'oluganda Neville n'agamba nti, “Tusobola okutuuzayo abawera enkumi nnya.” -Muk.] Enkumi nnya. Bwekityo, mu kiraba, tujja kubeera ne kifo ekitumala. Tewajja kubeerayo kupappa. Era bwekityo mujje ku saawa kkumi na bbiri ne kitundu. Era awo buli muntu yenna asobola okuyingira mu kiseera ekituufu, buli muntu yenna wamu, era nkikakasa nti mujja kutuula bulungi. Era waggulumivu bwe *wati,* era ne kifo wano wosobola okuwandiikira era n'obeerako by'okoppa, era n'ebirala. Era ekyo kijja kutandika Mukama bw'Anaaba Ayagadde…

Ndowooza kaakati, ekiro kino, engeri bwe luli olukuŋŋaana lw'okusaba olw'ekiro ky'olw'okusatu, tulina… ekifo kumpi kijjudde, bwekityo ndowooza nti twanditandiise ekiro ky'enkya. Twakipangisiza nga tusuubira nti oboolyawo, singa tunaabeera bangi nnyo wano, tusobola okugenda wangulu eyo. Naye nzikkiriza kiri…kyandibadde kirungi ne tugenda wangulu eyo, tolowooza bw'otyo, Ow'oluganda Neville, okugenda eyo wangulu ekiro ky'enkya? Era kaakati bameka abalowooza nti ekyo kyandiba ekirowoozo ekirungi? Awo tusobola okubeera ne kifo ekitumala. Twakipangisizza dda; waliwo wano ab'oluganda mu kkanisa abaakisasudde. Kyatutwalidde ddoola attaano zokka buli kiro, ng'ate ezo…kale singa ekyo mbadde nakyo buli wamu, nga nsobola okutuuza abantu abangi bwe batyo ku ddoola amakumi attaano buli kiro, ekizimbe ekipya ttuku, ekirina akadaala akalungi. Era, naye ffe tuli…

6 Mazima era, tujja kukuŋŋaanya ekiweebwayo, bwe ndowooza. Era tetwagala basajja abo ekyo bakisasulire bo bokka; tujja kukisasulira…tujja kubaddiza sente zaabwe. Naye bwe tufuna ezimala okukola ku bye tusassanyizaako ne birala byona, Kale, awo, tujja kulekeraawo okukuŋŋaanya ebiweebwayo. Tetwagala…

Bwe waba nga waliwo omugenyi yenna ali naffe, ekyo tukifudde enteekateeka, obutasabiriza, okusindiikiriza abantu ku lw'essente. Tuyisaamu obusawo bw'ebiweebwayo, ng'ekyo kiri…kikolwa kya kinnaddiini. Nkigezezaako, emirundi mingi, obutagezaako na kuyisa busawo, yadde, naye tekikola. Mulaba? Kubanga, okugaba kitundu ku ddiini yaffe. Kitundu ku mulimu gwaffe. Si nsonga oba ekinusu ky'essente kkumi eza doola, oba kyonna kye kiri, oba ekinusu ky'essente kikumi eza doola, kyonna kiri…

N'olwekyo mujjukire, Yesu yalaba nnamwandu ng'ayitawo, olunaku lumu, awo abasajja abagagga bwe baali bateekamu eby'obugagga by'abwe mu tterekero. Era ne namwandu ono naye naayitawo, oboolyawo yali alina abaana abato be yali nabo abalumwa enjala, era nawaayo byonna bye yalina, ennusu ssatu. Era Yesu n'agamba nti, “Ani eyasinga okuwaayo?”

7 Kaakati, singa nnali nnyimiridde awo, nandigambye nti, “Ekyo tokikola, mwanyinnaze. Ffe -ffe, labayo, tulina ssente nnyingi.” Naye Ye teyamuyimiriza. Mulaba? Yamanya nti Alina ky'Alina ekikye eky'amaanyi eky'okumuwa eyo mu maaso. Bwekityo, mulaba, oluvannyuma kwa byonna, yalina amaka mu Kitiibwa, ge yali agenda okugendamu. Era teyamuyimiriza. Yamuleka n'ateekamu ennusu ze essatu, kubanga omukyala yali ayagala okukikola. Era yali ayagala okukikola; wamu na baana be, era nga nnamwandu, ng'alina ennusu ssatu okumubeezaawo. Yalina okubeera ng'ayagala okukikola. Bwekityo, mulaba, abantu bwe baba nga bagala okuwaayo, oteekeddwa okubawa omukisa okukikola.

8 Naye ndowooza okuyimirira kuno, era nga bantu bagamba nti, “Ani anawaayo ddoola amakumi attaano? Ani anawaayo ddoola amakumi abbiri?” Ndowooza nti ekyo kya bulabe nnyo eri enteegera yammwe. Ndowooza nti abantu bakimanyi nti kitwala ssente okutambuza olukuŋŋaana. Era sisobola kubaleka kukikola, abo ababilabirira. Nnagamba nti, “Buli bwe mubeera nga muteekeddwa okukikola ekyo, awo ekyo kibeera kiseera kyange okuddayo ku kuŋŋaaniro. Bwekityo, tetulina kukikola ekyo.” Naye ndowooza nti tuulina okuyisa obusawo bwe biweebwayo, tusobole okulufuula olukuŋŋaana lw'okusaba kwaffe olujuvu.

Era oba oli awo bajja kuyisanga obusawo bwe biweebwayo buli kiro, oba ekintu ekiringa, “Kale, tugenda kuwaayo ekiweebwayo kaakati.” Era bayiseemu obusawo bwe biweebwayo, era ekyo -ekyo, kijja kumala.

9 Era buli kiro, Mukama bwanaaba ayagadde, ndowooza nti Mukama attadde ku mutima gwange obubaka bwe kkanisa obw'enkukkunnala. Mbadde mu kusaba okumala ennaku. Era sigenda kugenda mu ekyo, kubanga ekintu eky'amaanyi kyatuukawo ku lunaku lwa luli ekyali eky'amaanyi ennyo. Era mpulira ntya n'okukibabuulirako. Era kaakati, omutwe omukulu, nsuubira, abasinga ku mmwe, Billy yagambye nti, babadde bagubuuzako, kyali ku *Okufumbiriganwa n'Okwawukana.* Ng'ate, mutwe gw'amaanyi nnyo nnyo, era nnabadde simanyi ngeri ya kugweŋŋangamu. Era ne nnyambuka wangulu eyo ne nkisabira, era

Mukama yansisinkanye. Era nkimanyi nti, nze nnabadde sikirina, naye Katonda yakimpadde; nkirina kaakati. Katonda yampadde eky'okuddamu ekituufu, mulaba, mulaba, era nkimanyi nti kituufu.

Era bwekityo sinnamanya ddi lwennyini, oboolyawo, ku ssande nja kusaba bannyinaffe obutajja mu lukuŋŋaana, bo bennyini, naye simanyi. Kijja kusinzira oba abakyala abafumbo baagala okujja wamu n'abaami baabwe. Waliwo ebintu ebyamakulu ebiteekeddwa okwogerwa, amazima agabikwatako, era ne ngeri…era bwekityo twagala tukyanjuluze bulungi, okuva mu BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA, olwo mujja kuba mukifunye. Awo nga mumanyi amazima gennyini. Era mmwesiga nti ekyo Ajja kukikola.

10 Era, kaakati, nnabadde ku wooteeri waggulu eyo ku lunaku lwa luli, nga ndi mu kulya, era -era Jerry na balala bonna nga babanoonya mmwena. Ne bagamba nti, bagamba nti, "Kale, ffe…" abamu, omu ku balenzi yali waggulu eyo, n'agamba nti, omusajja ono yagambye nti, "ŋŋenda kuvaayo bulungi wiiki eno," n'agamba nti, "Baafunye…oba, wiiki zino ebbiri eziddako." N'agamba nti, "Balina olukuŋŋaana wano, olw'omuzanyo gwa basketball, oba ekintu ekirala." N'agamba nti, awo n'agamba nti, "Branham ali wamanga eyo, agenda kubeera n'olukuŋŋaana." N'agamba nti, "ŋŋenda kuliisa abantu bangi nnyo." Ku Ranch house, ekimu ku bifo ebyo waggulu eyo. era baali…kibadde kirungi nnyo.

Era mbasiima mmwena, kubanga mu mazima beennyumiriza era ne baboogerako ebigambo ebirungi.

Maneja weeyo waggulu ku Ranch House yansisinkana ku makya ga luli. Nnayingira kumpi ssaawa munaana kitundu, okuva mu Arizona. Era n'agamba nti, "Kale, ow'oluganda Branham," n'agamba nti, "Mpulira nti ogenda kubeera n'olukuŋŋaana olulala." N'agamba nti, "Nnayongezza ku muwendo gw'abannanyambako," n'agamba nti, era n'agamba nti, "Nninayo ekintu kimu kyenjagala okwogera, nti abantu abo abava wamanga eyo," n'agamba nti, "Mazima ddala bantu balungi." Kaakati, ekyo kyandetedde okubawulirako obulungi ennyo, mulaba.

Kubanga, oluvanyuma lwa byonna, mpulira nti muli ng'obwaana bwange, era nze…oba, abaana, manya. Era bwekityo…akaana kabeera ka mbuzi, ate mmwe temuli mbuzi. Muli baana b'endiga bange. Ekyo kiri kitya? Muli baana b'endiga aba Mukama waffe bampadde okuliisa. Era nkakasa nti Ajja -Ajja…nti ajja kundeka ekyo nkikole. Tugenda ffenna mumaaso mu lugendo.

11 Era ebikwata ku kino *Okufumbirigana n'okwawukana,* mbadde nga njagala okukyogerako okuviira ddala mu kiseera ekyo eky'envumbo omusanvu. Mumanyi, ekyama…ebyama byonna byali biteekeddwa okumanyikira omwo, okubikkula envumbo ezo omusanvu, ebyama bya Baibuli byonna. Era ndowooza kaakati, ntandise okukaddiwa, ndowooza…nnalowoozezza nti kisaanidde wakiri ne mbiteeka ku katambi, oba ekintu kyonna singa kintuukako, olwo ekkanisa eyinza okwewuunya, "Kiki ekyali mu birowoozo bye? Kiki kye yandyogedde?" era n'ebyokuyigako ebyo byonna ebirabika nga bizibu nnyo; ndowooza, Mukama bwanaaba Anyambye, ŋŋenda kugezaako okubibaletera. Kati awo -awo bwe wabeerawo ekintu ekituukawo, era singa ŋŋenda nga Tannaba kujja, awo mujja kubeera nabyo nga mubiterese.

12 Ndowooza nti tulinayo obutabo obumu obwafulumiziiddwa. Ndaba mwanyinaffe Vayle; si manyi oba Dokita waali wano oba nedda. Waali wano, mwanyinaffe Vayle? Oboolyawo ali mu lukiiko. Simulaba. Naye, oh, yee, eri emabega ewasembayo. N'ow'olugaanda Vayle naye awandiise akatabo, era kali… nnalowoozeza, nzikkiriza nti bagambye lwa leero, bubiri, ow'oluganda Vayle, ekyo kituufu, wano olina wo bubiri kaakati? Obutabo bubiri. Kaakati simanyi, engeri gye nnakitegeddemu , nti buli muntu yenna waakufunayo akatabo kamu. Bwekityo…singa…eyo yengeri gye nkitegeeramu. Nnyinza okubeera omukyamu mu ekyo.

Era kati *'Emirembe omusanvu egy'ekkanisa* giwedde (Ekyo kituufu, ow'oluganda Vayle?) era kaakati buli mu kufulumizibwa. Era nkimanyi nti mwandyagadde okubufuna, kubanga bwaanukula ebibuuzo bingi nnyo ebibadde mu mitima gyammwe. Era kati awo oluvanyuma lw'ekyo, kale tugenda kugezaako okufuna envumbo omusanvu, mumanyi, mu kitabo, kati awo buli muntu yenna asobole okusoma mu ngeri gy'ayagalamu, gyasobola okutegeeramu era okusoma mu. Ndowooza nti bwe bunaaba bufulumiziddwa, singa…

13 Ekisooka, twabujje ku butambi bwennyini, engeri gye bwawandiikidwamu oba okwogerwamu. Mumanyi, okusobola okubuulira enjiri, kintu kirala, ate n'okuwandiika akatabo nakyo kirala. Mulaba, nga bwe kibeera okukwata ku mutwe ogumu, kiringa bwennyinza okubagamba nti, musobole okukitegeera, nnyinza okugamba nti, "Kaakati, ensigo y'omusota," mulaba.

Kale, kaakati, omusomi we kitabo, singa ekyo okiggyeko, abeera ajja kwewuunya, "Ensigo y'omusota kye ki?" mulaba? Era tebasobola ku kimanya. Singa ekyo kigenda mu kifo nga Princeton oba awantu awamu wonna, era babeera bajja kulowooza nti tuli bantu abatalina magezi.

Bwekityo nafuna ow'oluganda Vayle agezeeko okunnyamba mu kino era kibeere nti amakulu gasigalawo, era abiteekemu n'oluzungu olutuufu. Era nkikakasa nti oluzungu lwange bajja …lujja kubeera terutegeerekeka gye bali, nkikakasa ekimala. Bwekityo…ow'oluganda Vayle mazima mulungi mu ekyo ye alinga…

14 Era awo, mu ekyo, ndowooza muganda waffe ow'omuwendo ateekeddwa okubeera ng'alina okulungamizibwa okulala okwenjawulo kwe yafuna, mu ngeri emu oba endala, era yagamba nti agenda kwewandiikirayo obutabo obwenjawulo obubwe, nga abujje mu obwo, bwekityo. Era bwekityo n'awandiika akamu akayitibwa, Nzikkiriza, *Nnabbi we kyassa kya amakumi abiri,* era n'akalala, *Ekkanisa ya Lawodikiya,* nzikkiriza oba ekintu ekiringa ekyo.

Era Billy yaŋŋambye nti, ekiro kya leero, kye nzikkiriza nti enkumi ne nkumi zaabwo zatuuse olwaleero; omuntu omu yabuleese okuva mu Texas. Era bwekityo, bujja kubeerawo wano. Era bajja kukiranga, bwe ndowooza, kyonna kye buli. Ndowooza bulina abaabutaddemu ssente. Si kikakasa. Era bwe bubeera bwe butyo, bujja kubaweebwa, mulaba, nabwo ku bwereere. Era tusuubira nti mujja kubunyumirwa. Era bwe munaabunyumirwa, mu kwateeko mu ngalo z'ow'oluganda Vayle emabega eyo era mumugambe nti musiimidde ddala. Nze si busomangamu. Singa naabusoma, nnyinza okukyusa ebirowoozo byange ku ekyo, bwekityo nja kugeezaako okubusoma wiiki eno bwe naaba nfunnye omukisa, bwe naasobola.

15 Kaakati engeri gye kiri nti ekiro ky'olwa leero lw'akussatu, olukuŋŋaana lwaffe lutandiika kiro ky'ankya mu butongole. Naye ndowooza, nze okubeera wano mu masekati gammwe, na badde si sobola kubeera eyo waggulu ku nnyumba era -era nga nkimanyi nti mmwena muli enno wamanga. Mbadde njagala, omanyi, kiringa abamu ku be ŋŋanda zammwe nga bazze, omanyi, n'odduka wa manga ku luguudo okubasisinkana wamanga kunkomerero y'oluguudo, mumanyi. Era nnalowoozezza nti nsobola okudduka ne nzijja okubaaniriza mu Jeffersonville. Era bwekityo wiiki eno eyise nga…

Nedda, munsonyiwemu, zibadde wiiki nga ssatu eziyise, bwe nnakomawo awaka. Nnali mbadde wabweru eyo nga ngezaako oku…mbaddeko mu nkuŋŋaana eyo mu Arizona, era ne nkomawo ngezeeko okuwumulako. Era nnagenda mu lugendo lw'okuyigga, era ne nfuna empologoma eyali eyogerwako ennyo mu kitundu kya Arizona. Nnagigoba okusukka mu mayiro amakumi abiri okuyita mu kibira okusobola okugikwata.

16 Naye awo yadde n'okukirowooza, nti saakirowoozanako bwe nnali nga nkyali mulenzi muto…okulaga obulazi nti ebintu binno bituukawo, akafo akatono Mukama katuwadde waggulu eyo, okumala emyezi gye tumazze wabweru eyo, era n'essomero lya baana.

Nnali mulenzi muto. Nteebereza nti Jimmy Poole waali wano ekiro kya leero, oboolyawo Taata we waali wano, Jim omukulu. Twasoma ffenna wamu, era nzijjukira lwe nnali ntudde awo, ng'omulenzi omuto ayambala enziina, ne ngato, nga nyambadde engatto z'omupiira, ng'obugere buyiseemu; nga neeyazika ku omu akatundu k'olupapula, ate ekalaamu ku mulala.

Nnali nga mpandiika ebitontome. Era mukyala Woods, wano, yangambye okubeerako ky'entontoma akawungeezi ka leero ku katambi, ekikwata ku Ford yange enkadde, mumanyi, nnungi. Kaakati, yagambye nti, "Kale, ogwanidde ekyo okukisindikira mwami Ford."

Ne ŋŋamba nti, "Waliwo amazima mangi nnyo, nzikkiriza," ku kugulumba mu maaso, ne ku kumeketameketa mu mipiira, era n'akakunizo k'Abakyayina ku kaggiya ka Siteeringi. Naye nze…kiri -kiri… naye bulijjo mbaddenga ŋŋamba nti, ekintu kyokka kye nnali nteekeddwa okukola kyali kubala mipiira enna, era n'okugisunda ekimala okugireetera okutandika kati awo ne ngiyingiramu. Ne ŋŋamba nti, "Kyali kirungi bwe ngitandikira waggulu ku lusozi, kati awo ne ngenda nga ngisika mpola, nga bwe ngamba nti, 'Ndowooza nsobola, ndowooza nsobola, ndowooza nsobola.' Kati awo ne ntandika, n'oludda olulala, ne ŋŋamba nti, 'nabadde ndowooza nti nsobola, nabadde ndowooza nti nsobola.'"

Eyo yengeri gye tusikamu olusozi luno, *ng'olugendo lw'omutambuze.* Bwekityo ffe…

17 Nnina ekitontome ekitono kye nnawandiika, ekintu ekiringa kino. Era nnagamba nti…kaakati, gwe kirowooze, nnali wa myaka kkumi ne biri gyokka egy'obukulu. Era nnali nnyimiridde waggulu eyo, ku lunaku lwa luli, nga ntunuulidde oluwonko eyo waggulu; era nga ndowooza, "Empologoma eyo ejja kuba ettudde wano wennyini mu kisenge kyange gy'entereka by'enzigya mu kuyigga, nga etunudde wabweeru mu ddirisa," mu ddirisa ly'ekirawuli. Nnali ndowooza ku kitontome ekitono. Ne nzirayo emabega ne nkijjayo, ekintu nga kiri bwe kiti. Lowoozaamu engeri Katonda…

Mukkiriza nti Katonda okuluŋŋamizibwa kwona Akulimu? [Ekibiina n'ekigamba nti, "Amiina." -Muk.] Katonda alina okuwandiika oluyimba. Mukkiriza nti Katonda Ali mu nnyimba? ["Amiina."]

Yesu yakyogera. Yajjuliza emabega ku Dawudi, "Temumanyi Dawudi kye yayogera mu Zabbuli? Mumanyi, talina…"

Tunuulira ku kukomererwa kwennyini. Dawudi yakiyimbako, mu Zabuli, eya 22 "Katonda wange, Katonda wange, lwaki onjabulidde? Amagumba gange gonna, gantunuulira. Gafumita emikono gyange era ne bigere byange." Mumanyi, era olwo lwali luyimba. Zabbuli luyimba.

18 Era mu kitontome kino, ggwe tunula olabe engeri gye kyatuukiriramu. Nga ntudde awo, omwana

omuto n'olupapula olw'eyazike, ne ŋŋamba nti:

*Mpuubadde, oh, mpuubalidde ddala nga njoya okugenda ewala eyo mu bukiikaddyo bwe bugwanjuba,*

*Eyo ebisikkirize gye bibeera nga bibikka obuziba ku ntikko y'olusozi.*

*Ndaba omusege oguguumiise wonna okwetoloola olufu lwa langi y'akakobe;*

*Mpulira omusege nga guyita wamanga eyo ente gye ziriira omuddo.*

*Ate awantu awamu eyo waggulu mu luwonko mpulira empologoma nga ekaaba,*

*Eyo ewala ennyo mu nsozi ze Catalina ku Arizona line.*

19 Nga wayiseewo emyaka ana, nga ntudde awo ku luwonko, ng'empologoma eyo entunuulidde mu maaso.

Ai Katonda, waliyo ensi awantu awamu ebusuka mugga, ab'emikwano. Eteekeddwa okubeerayo. Mulaba? Eyogerwako nnyo. Ebintu bino byona si nfumo bufumo; bya…bituufu ddala. Bya mazima weebiri. Ndi musanyufu nnyo okubeera wano ekiro kya leero, okubeera wamu n'abantu bano be nsuubira okubeera nabo awantu awamu eyo emirembe ne mirembe, eyo awatalibeera ndwadde nate, oba okufa, oba okwawukana. Era eyo okutambula kujja kubeera butaliimu gyetuli.

20 Kaakati, ndowooza tewaliiwo lukuŋŋaana lubeera lujjuvu awatali kusoma kigambo era n'okubeera na…

Ow'oluganda Neville, mbadde nakajja waggulu wano. Billy n'agamba nti obadde oyagala nze abeera ayogera. Ekyo kibadde kituufu, ow'oluganda Neville? [Ow'oluganda Neville n'agamba nti, “Amiina. Yee, kituufu.” -Muk.] oboolyawo ebintu bingi mbitute ng'eby'olubalaato, naye mpulidde bulungi nnyo ku ekyo. [“Kale, amiina! Mazima bwekiri!”]

Bwekityo, kaakati, eri mmwe abalina ennyimba ne biringa ebyo, Laba ow'oluganda Neville bw'obeera ogenda kuyimba, kati awo obeere nakyo, waggulu eyo. Ne tubeerayo ne kitundu kye saawa eky'ebisookerwako, era kati awo tuyingire mu buno Obubaka obw'ebuziba awo tulabe kiki Mukama ky'Anaakola. Era nneesiga nti…

21 Nzikkiriza nti tulina amazima. Ndi mumativu ku ekyo. Nzikkiriza nti eŋŋano, mu mazima, ekikuta kitandise okugivaako. Mu manyi. Era, mulabe, ekyo nnyinza okukinyonnyolamu katono, ekiro ky'enkya, mulaba, engeri ekikuta gyekiri mu kuva ku ŋŋaano. Naye eŋŋano eteekeddwa okuba ng'eri mu kubeerawo kw'Omwana, okusobola okwengera. Era ekyo kye kituleese wano, ab'emikwano, musigale mu kubeerawo kw'Omwana okutuusa akabinja kaffe kano ak'abantu abatono wano, bwe kanaayengerera ddala eri Kristo, ne kafuuka omugaati ku mmeeza Ye. Ekyo kye nkaagala ka kakole.

Era kaakati nga tetunnagenda mu kigambo, nga tumaze okutontoma ebitontome, era ne birala, leka tusabe nate. Olwo tulyoke tulabe omutwe.

22 Ow'omukwano Yesu, tuyambe ekiro kya leero kaakati, mu bino ebigambo ebitono, nga bwe tukulindirira. Era tusaba nti ekisa kyo n'okusasira Kwo bibeere wamu naffe, Mukama. Era okkakkanye emitima gyaffe; otujjeko ebikuta byonna, amaggwa gonna n'ebimuli, leka omusana gwa Katonda ogw'omukisa ggugwe ku kigambo, Mukama. Era leka tubeere n'olukuŋŋaana olw'amaanyi okutuusa nti tewajja kubeerawo muntu atali mulokole mu masekkati gaffe, abaana bonna babeere mu bwa kabaka bwa Katonda. Abo abatannaba kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu, leka bamufune, Kitange. Leka ebyama byona eby'amaanyi bye tuteekeddwa okumanya mu mulembe guno, Mukama, bitubikulibwe; era tulabe Katonda mu bulambulukufu nga bw'Ali, bwekityo tusobole okumanya engeri gye tulina okweyisaamu era n'okubeeramu, nga twetereeza era n'okukuŋŋaanya ebitundu byaffe byona eby'omubiri okugondera ekigambo, awo nno tusobole okumanya engeri gye tuteekeddwa okubeera mu mu nnaku zino ze tulimu ng'okudda kwa Mukama waffe bwe kusembedde.

Nga ate bwe nsoma ekigambo Kyo ekiro kya leero, Mukama, nnyinza, n'obuyigirize bwange obw'ekitundu, okubeerako ebimu ku bigambo bye nsoma, oboolyawo ebirala mbyatule bubi. Naye Mukama Katonda, Ggwe wekka Asobola okubiggyamu eky'okuyiga. Ggwe wekka Asobola okukikola. Tewaliiwo ngeri yonna omwana w'omuntu gya asobola okukikolamu; kiri mu mikono Gyo, Mukama. N'olwekyo tugabirire, buli kiro, ebintu ebyo ebyakweekebwa mu kigambo Kyo, awo nno tusobole okubeera Abakristaayo abalungiko era tubeerawo nga tweyisa okusinziira ku biro bye tulimu, ng'eby'okulabirako by'Obukristaayo. Tusabye mu Linnya Lya Mukama waffe Yesu. Amiina.

23 Kaakati, bangi ku mmwe, mu Baibuli zammwe, njagala mugende mu kitabo kya Yona. Bulijjo twogera nnyo ku Yona okubeera nga yaddirira era n'ebirala. Bulijjo mbadde mpolereeza Yona. Si kkiriza nti Yona yali yaddirira. Ekyo si kikkiriza. Nzikkiriza nti kyali…bulijjo tutera okukikozesa, katugambe, “Oyo Yona.” Naye singa…ekyo nnakyogerako dda, mu ngeri endala, mu kunyonyola engeri gye nkirowoozamu, Yona,

kiki ekyatuukawo.

*Awo ekigambo kya Mukama kyajja eri Yona, omwana wa Amittayi, nga kyogera nti,*

*Golokoka, ogende e Nineeve ekibuga ekyo ekinene okirangirire; kubanga obubi bwabwe bulinnye butuuse mu maaso gange.*

*Naye Yona n'agolokoka okuddukira eTalusiisi okuva mu maaso ga Mukama; n'aserengeta e Yopa n'alaba ekyombo nga kigenda e Talusiisi; awo n'abawa empooza yaakyo n'asaabala omwo agende nabo e Talusiisi ave mu maaso ga Mukama.*

Eyo si nkomerero ya nnaku? *Omuntu ng'adduka okuva mu maaso ga Mukama,* era ekyo kye ekyokuyigako kyange.

24 Kaakati, mu kusooka twagala okulowooza ku kino. Yona yali…ensonga, ensonga enkulu, kye nzikkiriza lwaki yakola ekintu kino eky'amaanyi wano, kyali nti kubanga Yona yali Muyudaaya. Era yasabibwa agende mu kibuga ky'Abamawanga, akaabe ku lw'akyo; ng'alowooza nti tebajja kumukkiriza. Kubanga, Abamawanga baali bajja kulowooza nti, “Omuyudaaya ono kiki ky'atwagaza?” naye, mulaba, ekintu ekirala, kituwa ekintu eky'amaanyi wano eky'okulaba, nti Katonda si Katonda wa Bayudaaya bokka, naye era ye Katonda w'Abamawanga nabo. Ye Katonda wa bantu bonna.

25 Abayudaaya Yabalonda bulonzi. Abayudaaya baali bayitibwa abantu ba Katonda abaalondebwa. Baali baalondebwa olw'ekigendererwa eky'enjawulo. Era ekigendererwa ekyo kyali, okuweebwa amateeka, era tebaasobola kugakuuma. Era Yali Alaga bulazi, okuyita mu bantu abo, nti etteeka terisobola kukuumibwa, nate era nti Yali Katonda ow'Obutuukirivu. Era etteeka lyali libanja butuukirivu, naye mu teeka temwalimu kisa, okufulumyayo omuntu. Tewali kibonerezo kyasasulibwa na tteeka, naye kyatwala kisa okusasula ekibonerezo ekyo, oba awo etteeka we lyali lyatuteeka wansi.

26 Era bwekityo Yona n'ayitibwa, ng'omu ku ba nnabbi abatono ab'omu Baibuli, okuserengeta mu kibuga kino.

Era wano tulaba eky'okulabirako kyaffe ffenna. Buli omu ku ffe, buli kiseera tubeera tulina kye tuddukako. Tudduka okuva eri emitawaana. Tudduka okuva eri obuvunaanyizibwa. Ffe, fenna ekyo tusobola okukikola. Ffe kisobola okutwanguyira okudduka okusinga bwe tusobola okuyimirira ne tubyeŋŋanga. Mulaba, ffe tusobola…ffe -ffe -twesanga nga tudduse.

Ebiseera ebisinga kitwanguyira okudduka okuva ku mirimu. Tetwagala, tetwagala kukola. Abantu abamu balowooza basobola okwebezaawo nga tebakola. Naye, ndowooza, Sulemaani ye yayogera nti tusobola okufuna wano eky'okuddamu, mu kutunuulira enkolooto.

Mu manyi, enkolooto entono, bagamba nti singa (buli) enkolooto tekola n'esigala ng'ayebase munda, enkolooto eyo mu biseera by'obunnyogovu tejja kuba n'ekyokulya, yadde. Bwekityo buli omu yenna ateekeddwa o-okukola.

27 Tulina ebintu bingi nnyo bye tuteekeddwa okukola, obuvunaanyizibwa bungi nnyo bwe tuteekeddwa okweŋŋanga. Buli muntu yenna alina obuvunaanyizibwa bw'ateekeddwa okweŋŋanga.

Bw'otuuka okulonda mukyala wo, ow'okuwasa, oba n'olonda omwami wo, oteekeddwa okutwala obuvunaanyizibwa. Ate era oteekeddwa okujjukira…oboolyawo n'ozimba amaka; nga maka malungi nnyo. Era awo jjukira, ng'omukyala omufumbo, oteekeddwa okulowooza ku buvunaanyizibwa obw'okukuza abaana, era oteekeddwa okulowuooza ku bisenge ebinnyirira, nga bwe bigenda okujjulako obugalo bwabwe obutono obucaafu. Kati ate era olina n'obuvunaanyizibwa obw'okuyigiriza abaana bo. Olina obuvunaanyizibwa obw'okubambaza n'okubaliisa.

Buli kintu kyona buvunaanyizibwa. Era kyangu nnyo, obuvunaanyizibwa bwe butweŋŋanga, n'etubwewala. Era tukiraba nti obufumbo buvunaanyizibwa, mu buli ngeri yona.

Era, ne mirundi mingi nnyo, tukiraba nti…kino kizibu okwogera, naye kituufu, nti abaweereza, ebiseera bingi nnyo, beewala obuvunaanyizibwa obw'okuyimirira ku lw'ekigambo kya Katonda eky'amazima bwe kibeera nga kibeŋŋanze. Bajja kwewala obuvunaanyizibwa obwo. Amazima g'Ekigambo kya Katonda nga galeeteddwa maaso ku maaso na baana ba bantu, kitwanguyira okugeewala ne tugavaako okutuusa ku nsonga esembayo.

28 Mbadde naakamala okwogera n'omwana wa mwanyinnaze omulenzi omuto waggulu eyo. Mukatuliki, era omulenzi oyo nze namubatiza, mu Linnya Lya Yesu Kristo, wano emyaka mitono egiyise, era yafunayo omuwala omu nakyuka nafuuka omukatuliki. Era nnakwata omukono gwa nnyina bwe yali nga afa. N'aŋŋamba, ebigambo ebyasembayo nti, “Melvini mulabirire.” Kati abadde aloota buloosi birooto. Ye tasobola…buli, buli lunaku, wiiki ewedde, abadde aloota ebirooto. N'agamba nti, “Nga nnyingira mu kkanisa yo, kojja Bill, ng'oyimiridde awo obuulira. Ne nziruka waggulu, ne ntandika okwenenya. Awo n'enzuukuka.” N'agamba nti, “Mbadde mukyamu.”

Ne mugamba nti, “Melvin, tewetaaga kuvuunulwa kw'ekyo. Ekifo kyo kiri wansi awo w'oteekeddwa okubeera.” Ekyo kituufu. mulaba?

29 Naye ebiseera ebisinga okweŋŋanga obuvunaanyizibwa, tusooka kuggibwako ddiba, okukikola ekyo. Nga taata, okweŋŋanga obuvunaanyizibwa, omwana wo okumukubamu ku mbooko. Abaana abo abato, ekyo toyagala kukikola. Naye nga Taata oba Maama, olina obuvunaanyizibwa bw'okukuza omwana oyo, kubanga Baibuli yagamba nti, “Ssuula omuggo oyonoone mutabani wo.” Era ekyo kiyimirira nga kikyali kirungi mu maaso ga buli muntu yenna eyasoma ku by'embeera za bantu ali mu nsi eno. Ago gasigala gakyali Mazima ga Katonda. Singa ekyo kibadde kikyakolebwa nnyo, twandibadde tetulina baana bato bangi abayonooneka ne bintu ng'ebyo, era n'obuvundu bwe tulina mu nsi olwaleero. Naye etteeka ly'amaka ery'amaanyi ly'amenyeka, bbanga ddene emabega, era baleka abaana abato okukola buli kintu kyonna kye baagala okukola.

30 Naye era nga bwe nnayogedde, abaweereza, bajja kutuuka boolekane na mazima maaso ku maaso, ate bamale batambule bagaviire. Mulaba, bo balina bubeezi…kirabika wabeerawo ekintu kye batayagala kweŋŋanga nakyo.

Emirundi mingi nnyo abantu bazze gyendi, nga bagamba nti, “Mmanyi nti ekyo kituufu Ow'oluganda Branham, naye singa ekyo nkikola, bajja kungoba mu kkanisa.” Kati ekyo kikukola ki? Bw'otookikole, ojja kugobwa waggulu Eri. Kale nno waliwo awantu awamu w'olina okugobwa, olaba. N'olwekyo kikugwanidde okukyeŋŋanga, mu kifo ky'okukidduka ng'ogamba nti, “Kale, nja kugenda eri ewalala. Sijja kuddayo.” Ddayo, mazima ddala, owulirize n'ebisingawo.

Nnoonya mu byawandiikibwa. Yesu yagamba nti, “Munoonye mu byawandiikibwa, kubanga mmwe mu byo mulowooza nti mulina obulamu obutaggwaawo, era ebyo bye bitegeeza ebyange.” Naye tukiraba nti ekyo abantu tebasobola kukyebeera.

Okuleetebwa, mu kubeerawo kwa Katonda, era n'olaba ddi Katonda lwe yakola ekisuubizo, era Katonda ekisuubizo ekyo kimukakatako. Era ekisuubizo ekyo bw'Akituukiriza, ate abantu ne batya okweŋŋanga obuvunaanyizibwa obw'obubaka bwe kiseera. Ekyo tukisanga buli wamu.

31 Ate mmwe abaluzeerani? Abaluzeerani bameka abaatya oku, abantu baatya okweŋŋanga amazima ga Luther bwe yajja n'obubaka obw'obutabalirwako musango? Laba omutango gwe kyakutwaliira, oboolyawo obulamu bwo bwennyini, okuvaayo oyatule Kristo era ofuuke omuluzeerani.

Tunuulira mmwe abamesodisiti, engeri gye kyabeera nga mu, mmwena mwayitiibwanga abantu abatukuvu abeevulungula. Nteebereza nti ekyo mukimanyi. Era bayingiira nga mu Mwoyo ne babuukabuuka nga beesuula mu maaso n'emabega. Era ne bagamba nti baalina “abasirusiru.” Aba me…nti, nedda, abo si Bapentekooti; abo baali Bamesodisiti, myaka mingi egiyiseewo. Era beekasukanga, ne beesunda, era ne bagwa nga bali wansi wa maanyi ga Katonda. Era ne babayiira amazzi mu maaso, nga bwe babawujja ne biwujjo, nga balowooza nti bafudde. Era, kaakati, mutwalibwa kuba bantu abeefuula ab'Omwoyo ennyo. Naye ba maama bammwe ne ba taata bammwe, baali bateekeddwa ekyo okukikkiriza, boolekane n'amazima era ne kintu ekituufu, oba bakigaane.

32 Ate mmwe abapentekooti abaafuna okuzzibwawo kw'ebirabo, okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu bwe kwajja, wamu n'okwogera mu nnimi, era n'ebirabo by'Omwoyo nga bikomawo mu kkanisa? Kale, Abamesodisiti baali bagala kubagobawo, era bakikola. Naye mwalina okukyeŋŋanga. Kyali kintu kye mwali mulina okukola.

Ate ensonga, bwe yavaayo, ekwata ku kubatizibwa mu Linnya Lya Yesu Kristo, era mwakiraba nti ge gaali amazima? Muteekeddwa okukyeŋŋanga, oba okubeerako ekintu kye mukikolera.

Mulina obuvunaanyizibwa, buli muntu yenna alina, era ebintu bino mulina okubyeŋŋanga. Kituufu.

33 Era kati bwolaba, mu nnaku zino kaakati, ng'Ekigambo kya Katonda kiwadde ebisuubizo bino eby'ebintu by'etulaba nga bituukirira kaakati, kati awo tulina obuvunaanyizibwa okubyeŋŋanga oba tubiveeko. Oteekeddwa…tosobola kusigala ng'oli nnampawengwa. Oteekeddwa okubeerako ky'okikolera. N'agamba nti…oteekeddwa okubeerako eddala ly'otwala.

Tosobola kuyingira mu mulyango gwa kkanisa ogwo n'oddayo mu ngeri y'emu nga bwe wazze. Obeera oli wala nnyo, oba kumpi ne Katonda, buli mulundi gwona gw'oyingira munda oba n'ogenda wabweeru eyo.

Oh, ng'abantu kibanguyira okwewala ebintu bino. Era njagala tulowooze ku bintu bino bwe tunaaba tutandise enkuŋŋaana mu butongole ekiro ky'enkya, nti, njagala mubeereko ekintu kye mwegendereza bwe wabeerawo ensonga eyogeddwako, singa mu…singa kibeerako akabuuza. Singa kibeerako ekibuuzo, walina okubeerawo eky'okuddamu.

34 Katugambe, eky'okulabirako, singa ŋŋambye nti ŋŋenda bugwanjuba, ate gwe n'onsongera ku ludda

*luno.* Kale, ekintu ky'osooka okumanya, mbeera nja kudduka mpitte ku kiruubiriirwa kyange, era nange mbeera…ndi mu bukiika obwa kkono bwe bugwanjuba. Kale, watya singa omuntu omulala asongera wamanga oludda *luno,* ate nze ne ŋŋenda ku ludda *luli?* Mbeera nja kuddamu mpitte ku kiruubiriirwa kyange nate; kubanga ŋŋenze mu bukiika obwa ddyo bwe bugwanjuba. Kale, kasita waba nga waliwo ekibuuzo ebugwanjuba buli ludda ki, wateekeddwa okubeerawo eky'okuddamu ekirambulukufu awantu awamu.

Era ebibuuzo bino bwe bitweŋŋanga, ebikwata ku mazima ga Baibuli, wateekeddwa okubeera nga waliwo awantu awamu awali eky'okuddamu ekituufu. Eky'okituufu. Kiteekeddwa okubeerawo.

Era bwe tubeerako ekintu kyetulaba nga kiteereddwa mu maaso gaffe. Ndowooza, mu kifo ky'okukidduka, ng'ogamba nti, "Ah, tekiriimu makulu! Si sobola kukkiriza kintu kiringa ekyo. Siyinza kukkiriza kintu kiringa ekyo." Lwaki tokwata Baibuli, n'otula wansi era n'ogyeŋŋanga. N'ogisoma. Oli wano mu lukuŋŋaana kaakati, ggwe kitunuulire okinoonyerezeeko. Kikebere, ggwe kennyini, wamu n'Ekigambo. Wekenneenye ekigambo, ng'okozesa kigambo. Eyo yengeri yokka gy'osobola okukiretera okwogera Amazima. Era kiteekeddwa okwogera amazima, okuva mu Lubereberye okutuuka mu Kubikkulirwa.

Kristo kwe kubikkulirwa kwa Baibuli yona. Mu Ye, Kristo, mmwe muli obulamba bwona. Okutuukiriza kw'obunnabbi bwa Baibuli bwona kikolebwa awatali bukwakulizo mu Yesu Kristo, kubanga yali Katonda ng'Alabisiddwa mu mubiri.

35 Kaakati bw'etulaba ebintu bino, wadde, nga tulumbiddwa, bwe tujja mu lukuŋŋaana, era ne tulaba Amaanyi ga Katonda nga gatambula ne gakola ebintu, era n'okukola ebikolwa eby'amaanyi ga Katonda, era ne tubiraba nga bikolebwa, era ne tutunula mu Baibuli era ne tukiraba nti kyasuubizibwa mu ssaawa eno; kati awo bwe tulaba ebintu ebyo, olwo nga tutomeddwa n'obuvunaanyizibwa okukikkiriza kale, kye ntegeeza, nga ffe ku lwaffe.

Kaakati, abantu bangi bakikwatirwa ekisa, abantu abasinga bagamba nti kituufu. Naye ekyo teki-ekyo tekikifuula ki…ekyo si kye kintu ky'ovunaanyizibwako. Nga bwenjogedde, watya singa wabeerawo…

36 Singa mbadde; muvubuka, nga nkyanoonya omukyala, ow'okuwasa; nga wano waliwo omuwala alina ebisaanyizo byonna bye nnali ndowoozezza nti bye bikola omukazi. Kale, nga mu mpisa Nnaabakyala era nga mulungi nnyo, alina ekikula ekirungi, omukristaayo ow'annamaddala, buli kintu kyona kye nnali ndowoozezako, okunkolera omukyala omulungi. Si songa ŋŋamba nti atuukiridde kwenkanawa, era nga mu mazima mutuufu, si wange okutuusa lwe mukkiriza wamu n'obuvunaanyizibwa bw'okumutwala n'abeera mukyala wange.

Obubaka nabwo bwe butyo bwe buli. Oyinza okugamba nti, "Kirungi, oba *kino* oba *kiri,* oba n'ekirala *kiri."* Era n'ogamba nti, "Mbukwatira ekisa. Nkikkiriza nti ge mazima." Naye oteekeddwa okubukkiriza; era buteekeddwa okufuuka ekitundu ku ggwe, era naawe okufuuka ekitundu ku bwo. Ng'obulina…awo, bubwo.

Bw'owasa omukyala yenna gw'olonze, awo nga mufuuse omu.

Era eyo yengeri gy'olimu ne Kristo. Bw'Omulaba ng'Alabisiddwa era ng'Afuuliddwa owannamaddala, era nga Ali kitundu ku ggwe. Era, wamu, nga muli kitundu ku Bubaka.

37 Oh, amaato amekka ag'ekinaddiini ge tulinnye okuserengeta e Talusiisi, eri ba Yona ab'ennaku zino, lwenda lulamba, ne kintu, amaato agakwata ekkubo eryangu. Toyagala kukyeŋŋanga.

Yona yali tayagala kukyeŋŋanga, ensonga ey'okugenda eri abamawanga. Yali obubaka obwo obukambwe tayagala kubutwalayo eyo, "Mu nnaku amakumi anna, mujja kusaanawo singa temwenenya." Ekyo yakikyawa okukikola. Era n'alowooza nti, "Simanyi n'okumanya Abamawanga abo kye bajja okunkola." Naye yali alina okukyeŋŋanga. Mulaba? Naye ye n'atwalamu eryato eryangu era n'aserengeta e Talusiisi, n'ayingira wansi mu ntobo ye lyato ne yeebaka; n'atwala ekkubo eryangu.

38 Ekkubo eryangu, ekkubo ery'agalibwa abantu abangi. Kyangu okutwala ekkubo nga buli muntu yenna akuzzaamu amaanyi era n'agamba nti oli muntu mulungi, "Era kino kiri bwekiti ne bwekiti era kituufu," era ensi ejja kukutunuulira. Kyangu okutambulira mu kkubo abantu abasinga obungi lye baagala.

Naye bwobeera ng'oteekeddwa okukola ekintu eky'enjawulo, ng'oteekeddwa okuyimirira ku lw'okulumirizibwa kwo ku ekyo ky'omanyi nti ge mazima, awo we wali ekitundu ekizibu, awo obukuubagano we bujjira, awo wennyini.

Oh, nga bwe tutera okuyimba oluyimba olwo olukadde:

Nga kibeera kyangu okusabala ku nnyanja, nga nteefu,

Okwesiga amaanyi g'omukono gwa Yakuwa ogw'amaanyi.

Naye, oh, leka amayengo gatandike okukunta, leka -leka embuyaga ekkunte era esitule amayengo, kati awo kiki kyokola?

Ekintu ekiringa kye baŋŋamba nti, lumu, omukazi yagamba nti. Emabega eyo mu biro by'embalaasi n'amagaali, nti yagamba mbu embalaasi yadduka naye, bwe yali ng'ava ku kkanisa. Ne bamubuuza nti, "Kiki kye wakola?"

N'agamba nti, "Nneesiga Mukama okutuusa ng'enkoba lwe zaakutuka." Kale ate, ekyo kye kiseera eky'okwesigiramu Katonda, oluvanyuma lwa buli…oluvanyuma lw'enkoba okukutuka. Kiraga nti obadde weesiga nkoba okutuusa nga zikutuse. Yee.

39 Era bwekityo tukizuula nti tulina amakubo amangu mangi ag'okugendamu, amaato agagenda wamanga mu Talusiisi, kubanga kyo kyangu, obutabeera na buvunaanyizibwa. Bijja buzzi, obeera na buli kintu nga kijja; buli muntu yenna nga akwagala. Era, buli muntu yenna, ggwe oli…tewali muntu yenna akuwakanya; naawe tolina muntu yenna gw'owakana naye. Kaakati ekyo bwekiba nga si kisimuula ssowaani! Ekyo kituufu. Yee, Omwangu okumatiza era omwangu okukyusibwa! Kale, omuntu yenna, sifaayo kiki kyoli, na kiki ky'oyimiriridde…Mu mazima, abantu abalowooza obulungi bajja kukulowoozaako nnyo singa oyimirira ku lw'okulumirizibwa kwo ku lw'ekyo ekituufu. Kituufu. Sifaayo…

40 Ggwe twala omukazi, ayinza okuba nga tasikiriza yadde, na kyona kyali; naye gwe leka omukazi oyo ayimirire ku lw'enono z'ekikyala, muleke ayimirire ng'omukazi; era singa wabaawo omusajja alina embavvu ng'omusajja, ajja kumuwagira. Mu mazima. Tusanyukira nnyo ekintu omuntu omulala kyalina, nti bakkiriza nti ekyo kye kituufu era bajja kuyimirira ku lw'ekyo kye balowooza nti kye kituufu.

Abatalina mugongo, abakristaayo abasinga obungi olwaleero bwe batyo bwe bali, bagonvu nnyo n'ebiringa ebyo, okutuusa bwe balowooza nti kye balina okukola kyokka kwegatta ku kkanisa, okubeera ko awantu awamu we bayingira, okuteeka amanya gaabwe mu kitabo, oba okubeerako ekintu ekitono kye bakola, oba okubuukabuuka, okuleekaana, oba ekintu ekiringa ekyo, ne bakiyita Obukristaayo.

Obukristaayo bwe bulamu bwa buli lunaku, obukaatufu nga bukalubo, okubeerawo ku lwa Katonda mu maaso g'ensi. Kwe kwaka kw'omuliro n'okwagala kwa Katonda okwa buli kiseera, mu mutima, ogukukoleeza n'obeera ku omuliro era ne gukufulumya wabweeru eyo mu bantu, era n'okyusa abantu ku lwa Kristo.

41 Buvunaanyizibwa. Naye kyangu okutambula ng'ensi bweetambula. Kyangu okuseyeeya ng'oserengeta okkirira n'omugga.

Genda wabweeru eyo otuule mu mugga, ne lyato lyo. Gwe kwata enkasi zo otandike okuvuga ng'odda omugga gye guva; toba na budde bumala, ate nga ebintu bikalubo. Naye gwe teeka buteesi wansi enkasi era olabe emisinde gyojja okuyita ku miti, ng'oserengeta wamanga, naye tunuulira wa gyolaga!

Ebintu bwe bibeera nga biseyeeya mu ngeri ennyangu, jjukira nti oyolekedde ekiyiriro eky'amaanyi wamanga eyo, eky'engeri yonna. Ogenda kwolekera biyiriro, era tekijja kutwala bbanga ddene ojja kubeera ng'otuse ku kiyiriro ekyo. Ng'oli mu kuseyeeya na nsi, byangu, mu ngeri gye bitambulamu, ekyo tokyetaaga. Nedda, ssebo. Naye oteekeddwa okukkiriza obuvunaanyizibwa bwo.

Kaakati, mukikkiriza, era mulowooza nti ge Mazima.

42 Era obuvunaanyizibwa Katonda bwatuwadde mu nnaku zino, kuleeta bubaka buno! Era nga bwe nneeyongera okukaddiwa, era nkimanyi nti ennaku zange zeeyongedde okukendeera, mpulira ng'obuvunaanyizibwa bwa maanyi nnyo n'okusinga bwe nnali mbuwulidde. Okuwaguza okugenda mu maaso, tuteekeddwa okukikola ekyo! Tuteekeddwa okutandika okukikolako, wonna we tugenda, era tubuulire obubaka; era -era nga tugamba abantu nti Yesu Kristo Ajja, era nti ye Katonda era essaawa yonna Ajja. Tewaliiwo ssuubi ddala lisigaddeyo mu nsi okujjako okujja kwa Mukama.

43 Bwe ntunula emabega eyo ku mikwano gyange abaali nange waggulu eri Malayika wa Mukama bwe… abalenzi bano abatudde wano, nzikkiriza nti bazudde ekifo we kyatuukirawo waggulu eyo. Ate okujjukira kiki Mukama kye yayogera ku lunaku olwo, eri ow'oluganda Wood. Yali ayambuka ku lusozi. Era ng'ali mu kukaaba, olwa mukyala we okuba nga yali mulwadde. Era Awo Mukama n'Agamba nti, "Londa ejjinja eryo olikasuke mu bbanga, era ogambe nti, 'BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA.'" Era ekyo ne nkikola. Era ow'oluganda Woods waali ng'omujjulizi.

Era ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Woods, tekigenda kulwawo mu bbanga si ddene ogenda kubeerako kyolaba nga kituukirira." Era olunaku olw'addako, bwe twali nga tuyimiridde awo, fenna wamu…era abamu ku basajja abo weebali wano ekiro kya leero.

44 Waaliwo awo omubuulizi omuto, era yali…nnamulaba…nnali na musisinkanye ekiro ekyali kiyise. Yali mu lusiisira lwaffe. Najja abeere wamu naffe. Era n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, ottera okulaba

okwolesebwa, ng'oli wabweru bw'oti?

Ne ŋŋamba nti, "Yee, ssebo. Naye nzijja wabweru eno okuvaako we kuli, okusobola okuwumulamuko akatonotono." N'agamba nti…" Kale," ne ŋŋamba nti, "Nze -nze…Kituufu, Andaga ebintu ebintu wabweru eno." Era ne ŋŋamba nti, "Wano wennyini ku kasozi kano, ba Malayika omusanvu we baandabikira wamanga wano."

N'agamba nti, "Wewaawo, nkitegeera." N'agamba nti, "Nnali omu ku bawaayo ensimbi okuyamba mu lukuŋŋaana lwo mu California."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, mu mazima ekyo ndi musanyufu okukimanya."

Era bwe twali nga tuyimiridde awo, ne ntunula okwetoloola awo era ne ndaba omusawo ow'ekiwago omunene nga atunudde mu maaso ge, era ne mmuwulira nga agamba nti, "Ogenda kufiirwa eriiso eryo kubanga lirimu ekifukuuko (Allergy). Munda mu lyo. Era ndijjanjabbidde emyaka ebiri, era eriiso eryo ogenda ku lifiirwa."

Ne ŋŋamba nti, "Ensonga lwaki ekyo okimbuziiza, kubanga omusawo wo yakugambye ku lunaku lwa luli nti eriiso eryo ogenda kulifiirwa." Era n'aŋŋamba nti, "Kituufu ekyo," era n'atunula nga yeetoolooza amaaso bw'atyo.

Era ne ndaba ne Maama we nga aggyamu emu ku Sitokisi ye era naggyayo ekigere kye ekimu wabweru, nga kiriko obuzimba obutono nga buleebetera makkati g'obugere bwe, waggulu ne wansi we kigere kye; era n'amugamba nti, "Singa olaba ow'oluganda Branham, mugambe kino akisabire."

Ne ŋŋamba nti, "Maama wo yaggyeyo ekigere kye bw'ati, era n'agamba nti alina obuzimba obutono ku bugere bwe bwonna, era kiri bwekityo; era n'agamba nti, 'gamba ow'oluganda Branham asabe.'"

N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, ago ge mazima."

Ne ntunula emabega. Bwe natunulayo, ne mulaba ng'ayimiridde awo antunuulidde, bw'ati, na maaso ge nga gamasamasa nnyo. Na musisinkanye mu jjuuzi obudde we butandikira okuba obunnyogovu; ng'alina amaaso agasinga ag'abantu bonna mu lusiisira. Mukama Yamuwonya era n'atereera bulungi.

45 Bwe nnali nga nyimiridde awo, Mukama n'Ayogera nti, n"Andaga ekyali kigenda okubeerawo. "Omusango gugenda okukuba olubalama lw'ebuvanjuba." Era n'Aŋŋamba nti, "Genda mu kifo kiri wali, amabbali g'ekyoto ky'omuliro ekyo."

Kati nnalina ekitiiyo mu mukono gwange; ne tambula ne ŋŋendawo. Era ow'oluganda Roy Roberson, ffenna wano tumumanyi. Taliiwo wano ekiro kya leero, okusinzira nga bw'emanyi; ali mu Arizona erudda eyo. Ye Sentebe w'abawanika wano, era mumanyi nga nnazirwanako ey'awumula. Era waaliwo ekintu ekyali kigenda okutuukawo; ku makya, amalungi ennyo amakkakkamu, ku ssaawa nga nnya ez'okumakya. Abalenzi nga beetoloodde mu kifo kino kyona, twali kkumi oba kkumi na babiri, nga tuteekayo zi weema, n'okusala embizi, n'ebintu ng'ebyo. Bwekityo ne… ne ntambulatambula okwetoloola mu kifo, ne ŋŋamba nti, "Roy, wekweke, mu bwangu waliwo ekintu ekiteekateeka okubaawo." Saasobola ku mugamba kirala nate. Naye mu kiseera kye natuukira wali…

Era mu ggulu ne wavaayo empewo ya Katonda ey'etoloola, ng'ewuuma, n'enyeenya obusozi, nedduka n'eyingira munda mu lusozi olwo, nga bweyeetoloola ku misinde egy'amaanyi, obuwanvu bwa fuuti nga ttaano waggulu w'omutwe gwange, era n'etemako obusolya bwe miti bwona, ng'enjazi bwe zivaayo. Ne zambuka waggulu mu bbanga ne ziddamu ne zigwa wansi nate, n'okubatiza okulala okunene ennyo, era ne zitomera ku lusozi, ne zikasuka enjazi waggulu. Ne kiddamu emirundi essatu, kati awo n'eyambuka waggulu mu bbanga.

Era ow'oluganda Banks najja we nnali, n'agamba nti, "Ekyo kye wayogeddeko jjo?" ne ŋŋamba nti, "Yee, ssebo, ky'ekyo kyennyini." Mulaba?

Era nga wayiseewo ennaku bbiri oluvanyuma lw'ekyo, Alaska kumpi yonna n'ebbira waggulu eyo. Waggulu n'eky'emmanga w'olubalama lw'ebuvanjuba olwo nga waliyo ebikankano n'okwesindika, era n'ebirala byonna nga bibaawo. Era olumu ku zino ennaku agenda kuyiringita okutuuka ku ntobo y'ennyanja. Kituufu. kye kiki? Tuli mu ssaawa ey'okujja kwa Mukama waffe.

46 Tulaba obubondo ne bintu nga bigolokoka, era na bino ebintu byona eby'enjawulo, tukimanyi nti wateekeddwa okubeerawo eky'okuddamu ekituufu ku kino.

Waliwo abantu wabweru eno mu byalo kaakati, abagenda mu mpuku ne bintu ng'ebyo, "Era nga 16 omwezi ogw'okusatu," mwakisoma mu mpapula za mawulire, "Okujja kwa Mukama." Mu kimanyi nti si bwekiri.

Yesu yagamba nti, "Tewali muntu amanyi ssaawa yadde eddakiika."

Bwe tulaba ebintu bino byonna, ng'ebintu bituukawo mu ngeri gye birimu. Wateekeddwa okuba nga waliwo awantu awamu awali eky'okuddamu eky'amazima. Wateekeddwa okuba nga waliwo amazima. Omu adda ebuvanjuba; omulala, ebugwanjuba; naye waliwo omu, ebukiikaddyo bwe buvanjuba ne bukiikakkono bwe bugwanjuba, oba ekintu ekiringa ekyo. Naye wateekeddwa okubeerawo eky'okuddamu ekituufu, awantu awamu, eri ekizibu.

47 [Ekitundu ekikalu ku katambi -Muk.]

Tukyewale kino? Tuteekeddwa okugamba abantu nti tuli mu saawa ez'okujja kw'omwana wa Katonda. Twetaaga okutunula era (Katonda) tubeere nga tutambula ekiseera kyonna, nga tuli beetegefu okuwa omuntu eky'okuddamu ekituufu.

Bulijjo kibaddenga bwe kityo. Kibaddenga mu muntu, okwewala era nagenda okuva awali Katonda, okuviira ddala ku Adamu, mu lusuku lwa Adeni, bwe yatuuka ku buvunaanyizibwa bwe okukola okusalawo kwe, okusigala ne Katonda oba agende ne Mukazi we? Yalina okukikola ekyo…yalina okukikola ekyo, obuvunaanyizibwa bwali gyali. Yalina kutwala mukyala we kye yali ayogedde oba ekya Katonda kye Yali Ayogedde. Era bwe yasalawo okugenda mu kkubo lya mukyala we, era ekyo bwe yakikola, awo nafiirwa embera ye ey'olubereberye. Era ensi yona n'agiteeka wansi w'okufa, bwe yalina okutwala obuvunaanyizibwa bwe, oba manya okukkiriza ekitangala ekiggya mukyala we kye yali afunnye, ekyali kikontana.

O Katonda! kirowoozeeko. Katonda Yabawa buwi ebigambo nga munaana oba kkumi eby'okukuuma. "Naye omuti ogwo temugulyangako." Ekyo kyokka kye balina okukuuma. Era ne bigambo ebitono bwe bityo, ne bakimenya.

Awo Adamu yalina ekyo okukyeŋŋanga, "Nkole nga, nkole nga mukyala wange bw'ayogedde nti nkole, oba nkole ekyo Katonda ky'Agambye nkole?" era n'atambula nafulumayo na maaso ge nga galaba. Yalina okutwala obuvunaanyizibwa. Ekyo oluse lw'abantu lwona kya lusuula mu kufa.

48 Kati awo Adamu omulala naye n'Ajja, nga Ye yali Kristo, tewabeerangawo mulala yenna alinga ye! Waliwo agamba nti teyali Katonda?

Okubeera kwe ow'enjawulo kwakakasa nti yali Katonda. Tewabeerangawo kitonde kyonna kyabeerawo nga ye. Yabeera mu nsi eyiye ku lulwe. Yazaalibwa wabweru w'omutendera gw'obutonde bw'omuntu ow'ekibi. Alleluya! Ye yali Omutonzi Yennyini mu mubiri.

Ani yali asobola okuyimirira we Yayimirira? Ani eyali ayogedde nga Ye? Ani yali asobola okwogera ebintu bye Yayogera ani yali asobola okukola ebintu bye Yakola? Okubeera nti yali wa njawulo kyakakasa nti yali Katonda. Tewabeerangawo nnabbi oba ekintu kyonna ekyali kisobola okukola bye Yakola; ani yali asobola okuyita abafu okuva mu magombe, era ani yali asobola okuyimiriza obwengula, era nakola ekintu kyona kye yali ayagala okukola. Yali Katonda. Ani yali asobola okuyimirira mu kifo kye? Ani? Kiki kye yali ayinza okuba okujjako, Katonda Ow'emirembe n'emirembe, Atafa era Eyafuuka omuntu n'Abeera mu masekkati gaffe!

49 Tewali kintu kyona kyali kimugerageranyiziddwako. Yabeera mu nsi Ye ku lulwe. Tewali muntu yenna yali ayogedde nga Ye. Bwe Yabikkulanga akamwa Ke, nga kibeera kirina kye kitegeeza, ekyali ekyenjawulo ku muntu omulala yenna. Omuntu omu yagamba nti yali muntu wa bulijjo; ekyo nkiwakanya. Yali Katonda. Ekyo kye Yali. Kubanga tewali muntu yenna yali asobola kwogera nga Ye, tewali muntu yayogera nga Ye kubanga ye yali Ekigambo ekiramu nga Kifuuse omuntu, okulabisibwa kw'obulamba bwa Katonda.

Nja kukikkiriza, bannabbi abo balina obubaka bwabwe. Baabalina mu biseera ebyo; ne kaakati babalina. Naye awo waaliwo obulamba bwa Katonda mu mubiri, obwalabisibwa awo. Ye yali Owenjawulo, era ye yalina okweŋŋanga ensonga. N'amaanyi Ge gonna ge Yalina, nti ddala mu mazima yali asobola okubeera Kabaka w'ensi. Ajja kukibeera; era Ye, eri abatukuvu Be, Ye Kabaka kaakati.

50 Yayimirira awo. Musajja ki eyandibadde omwavu, Yali talina kifo w'ateeka mutwe Gwe; naye ng'ate yali amanyi wa ekyennyanja we kyamirira ekinusu/ Ani, musajja ki oyo eyasobola okukwata jaaji ennene ez'amazzi n'Azikyusa ne zifuukamu envinnyo, ate nga talina na kifo wa kuteeka mutwe ggwe? Yalina okweŋŋanga obuvunaanyizibwa Bwe obwali bumuweereddwa mu mikono Gye. Muntu ki Oyo asobola okuzuukiza omusajja okuva mu magombe, ng'amzze ennaku nnya nga mufu ate ng'avunze n'okuvunda?

Teyandisobodde kwerokola? Mazima, yali asobola; naye singa yakikola, teyanditulokodde. Yali ateekeddwa okweŋŋanga obuvunaanyizibwa Bwe, era ne ku lw'obugonvu Bwe eri Ekigambo! Awo, obujeemu bwa Adamu, era yali attute ekkubo ery'okumpi, ekkubo eriserengeta okugenda e Talusiisi. Naye Yesu Yatwala ekkubo eridda e Nineeve, eri Abamawanga, okwefunirayo Omugole. Ndi musanyufu ekiro kya leero nti yakikola ekyo. Tuteekeddwa okweŋŋanga amazima, nti tuli babe, twaala ensi ogigyewo. Amiina!

51 Buli muntu yenna yali alina okweŋŋanga okutuuka ku ekyo, oyo alina obuvunaanyizibwa okuva eri Katonda. Ka tutwale ng'ekyokulabirako, Nuuwa. Yalina. Nuuwa, Musa, Eriya, n'abalala bonna okuva mu buli mulembe gwonna, baali balina okukyeŋŋanga okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe. Era baali bateekeddwa okukikola, naye era eyo yensonga lwaki baasindikibwa mu ssaawa eyo.

Tunuulira Nuuwa mu mulembe gwe ogwa ssaayaansi, engeri gye yali alina okweŋŋanga ekintu ekitaalimu ssayaansi wadde. Kale, tewaliiwo nsonga yonna lwaki tekyalina kubeera nga si kya ssayaansi… mulaba, tekyali kya kinnassayaansi, manyanga. Kale, baagamba nti enkuba yali egenda kutonnya okuva mu bbanga. Baali tebabeerangako na nkuba ng'etonnya okuva mu bbanga. Kaakati, ekyo yalina okukyeŋŋanga. Katonda yagamba nti enkuba egenda kutonnya. Era awo na…

52 Awo okukkiriza okutaliiko bikolwa kufu; singa ogamba nti, "Nkikkiriza," ate n'otabeerako kikolwa kyookola. Kiringa n'obubaka, singa ogamba nti, "Mbukkiriza," n'otokolawo kikolwa kyonna, kiyinza kukolera kalungi ki? Mulaba? Nuuwa yagenda okukola n'ennyondo ye era naazimba eryato, okukakasa kye yali ayogerako. Ekyo naffe kye tulina okukola. Tulina okutandika okukola, okukakasa okukkiriza kwaffe, okuyita mu bikolwa byaffe. Ebikolwa byaffe bikakasa okukkiriza kwaffe.

Musa yalina okukikola, ne Eriya yalina okukikola. Buli nnabbi yenna mu mulembe gwe yalina okuyimirira era ne yeŋŋanga obuvunaanyizibwa bwe. Naye abasinga obungi tebakola nga Yona. Ye yadduka; bo tebadduka.

53 Mwetegereze, "Kivumirire." Oh, abaffe! Ky'ekyo awo. Ekyo kye ky'okuyigako, "Kivumirire." Awo we waali ekikebera.

Genda yo bugenzi ogambe abantu abo, "Gamba nti, nzizze wamanga eno okubegattako bannange. Mumanyi nzikkiriza nti nja kubagamba kye ŋŋenda okukola. Nninawo wano akantu akatono nzikkiriza nsobola okukikola... ffenna ne kitukuŋŋanyiza wamu, ne tukola *kino, kiri* oba na *biri.*"

Naye, kyali nti, "Kivumirire," bwo beera olina ekintu ky'oteekeddwa okuvumirira. Kaakati, yalina okuvumirira buli kintu kyonna ekyali wamanga eyo; Vumirira ekibuga, Vumirira emirimu gyabwe, Vumirira ekkanisa yabwe, Vumirira bannabbi babwe. Vumirira abaweereza babwe, Vumirira bakabona babwe, Kivumirire ekintu kyabwe kyona! Kivumirire!"

Nuuwa yavumirira omulembe ggwe. Mazima, yakikola, eri amakanisa g'omulembe ggwe.

Ne Musa naye mu mazima yavumirira omulembe ggwe; abantu, ba kabona, era n'ebirala. Yavumirira okuyita mu ddungu mwonna, buli masaŋŋanzira gonna, yavumirira ekiseera kyonna eri abantu.

Eriya teyali wa tutumu mu nnaku ze, kubanga yavumirira omulembe ogwo. Mu mazima yakikola.

54 Yokaana omubatiza teyali wa tutumu mu mulembe gwe. Yavumirira omulembe gwe. Yagamba kabaka, omufuzi w'ensi; yali, yawasa Mukazi wa muganda we. Lumu kumakya yalina okubuulira ku kufumbirigana n'okwawukana. Bwekityo n'akivumirira, n'agamba nti, "Kya muzizo ggwe okubeera naye." Ekyo Kyamuleetera, omutwe ggwe okutemebwako, oluvanyuma, naye yakivumirira era n'ayimirira mu kifo kye we yali ateekeddwa okubeera.

Teyalinnya lyato kugenda Talusiisi, ng'ayogera nti, "Kale, nja kukkiriziganya naawe, Kerode. Kirungi. Gwe kasita olowooza nti omukazi mulungi, nga mukyala mulungi gy'oli, genda mu maaso." Oh, kitalo! Ebyo ebisiimuula by'amasowaani, mulaba, buli kintu kyona ekitono…lwaki, tekirina mugaso okujjako okukozesebwa okusiimuula amasowaani agaddugala.

55 Naye, mwetegereze, Yokaana teyali bw'atyo. Yayimirira na kyeŋŋanga kyonna. Yagamba nti, "Kyamuzizo ggwe okubeera naye." Yee, ssebo. Era nayimirira okukiwakanya.

Tebadduka. Yokaana teyakikola. Baayimirira ne beŋŋanga amazima. Musa olumu, yagezaako okudduka, nga Yona, naye Katonda yamukomyawo. Bangi ku bo baagezaako okukyewala; baatandikanga…

Naye, mulabe, singa Katonda yakuyita, era ng'okikakasa nti Katonda ali mu bubaka, wabeera tewaliiwo kintu kyona kigenda kukukyusa okukuzzayo emabega. Tekyakyusa Yona. Nedda, ssebo.

56 Amos owedda, yayogerera waggulu, n'agamba nti, "Empologoma ewulugumye, ani atayinza kutya? Era Katonda Ayogedde, ani asobola okukyebeera okujjako okulagula?" ani asobola okukyebeera okujjako okulagula, bw'olaba Katonda ng'Alina ekintu ky'Ayogedde nti kijja kutuukirira, era ne kituukirira?

Empologoma bw'ewuluguma, buli muntu yenna atya, yee, ssebo, bwoba wali ogiwuliddeko ng'ewuluguma mu kibira. Muwulira zino ezikaaba nga bukkapa nga zikaabira wano mu buguli, empologoma ezifugibwa abantu, naye lumu mwetaaga okuwulira eri eyannamaddala, ey'omunsiko ng'ewuluguma. Enjazziyazi entonotono zibeera zijja kugwa okuva ku lusozi, mu buwanvu bwa yaadi bittaano okuva mu kifo ekyo. Njagala okulaba engeri ekibejjagalo ekyo kyona bwe kiva mu mawuggwe ago. Era neekasuka

omutwe gwaayo wansi, neekasuka ebyooya byaayo waggulu; siwuliranga yo kintu kyonna…Kiba ng'omuzinga nga gusimbula, bweba ng'ebejjagala okuwuluguma kwaayo okunene okuva mu mawuggwe gaayo. Ani ayinza obutatya?

Bagamba nti, singa ottibwa empologoma, towulira bulumi. Ekuttisa kutya kufa nga tennaba na kukutuukako. Olaba, N'okukitegeera tokitegeera. Ekutiisa n'okwo okuwuluguma okwentiisa ey'amaanyi, era nga yakutuuseeko dda mu katikitiki.

57 Yagamba nti, "Empologoma ewulugumye, ani ayinza obutatya? Era Katonda ayogedde, ani ayinza okukyebeera okujjako okulagula?" bwolaba nga Katonda alina ekintu kyakola, n'ogamba nti… "Nnyinza okuba nga siri nnabbi…" Yona yagamba nti… "Nnyinza okuba nga siri nnabbi oba omwana wa nnabbi. Naye Katonda ayogedde, ani ayinza okukyebeera okujjako okulagula?"

Nnyinza okuba nga siri nnabbi, nnyinza okuba nga siri *kino* oba *kiri,* oba *ekirala.* Bwe ndaba Katonda ng'Alina ekintu kyona kyakola era ne nkiraba wano mu Kigambo Kye, nga yakisuubiza, ani ayinza okusirika n'atabeerako ky'ayogera? Mu mazima, akikoze.

Naffe tetujja kwekweka emabega we biyiiye era ne zino enkuŋŋaana zonna, n'okuserengeta wamanga e Talusiisi. Tetwagala kugenda neezo enkuŋŋaana.

58 Naye bangi, nga Adamu, bakola ekintu kye kimu, bagezaako okuteekawo ekintu ekirala mungeri emu, bagezaako okwefunira ekkubo eddala, era bateekewo ekintu ekirala, okweŋŋanga okutunuulira Katonda. Oluvanyuma lw'okumanya ekikyamu, okutunuulira amazima, yagenda wamu ne mukyala we era nnakolera ddala ekyo kyennyini Katonda kye yamugamba obutakola. Yagenda mu maaso n'akikolera,ddala. Era awo neyeesanga ng'ali bwereere, omwami n'omukyala, bombi, mu lusuku lwa Adeni. Amaaso gabwe ne gabikkuka. Awo ne bamanya ekituufu era ne kikyamu. Era kati awo n'agezaako okuzuula ekintu ekirala, okugezaako okukikozesa okwebikka.

Kaakati, eyo yengeri yennyini gye tugeezako okukola n'olwa leero, eky'okwekwasa, tugamba nti, "Kale, nkubuulire, singa kyali wano, oba singa kino." Oba, "Singa, singa, singa," ekyo kiri…mulaba? Naye oteekeddwa okukyeŋŋanga. Kirina kubeera kituufu oba kikyamu. Era bwe kiba nga kituufu, leka tusagale nakyo. Bwe kibeera nga kikyamu, vvaawo w'ekiri. Ky'ekyo kyokka. Kola ki…Zuula ekyo ekituufu. Teweetaaga kusigala ng'okyalindiridde nate. Leka tuzuule kaakati eky'amazima era ne kituufu, era tusigale nakyo. Nga tukimanyi nti ge mazima.

59 Kaakati, tukizuula olwaleero nti abantu baffe bali nnyo… kirabika nga obwesimbu bwonna obwava mu makkanisa. Nze…mu…

Tubeera mu nnyumba eyo eya mwanyinaffe ow'omuwendo asabira mu kkanisa eno. Oboolyawo alina w'atudde wano ekiro kya leero. Era agipangisa eri…abantu. Era abadde mulungi nnyo gye tuli mu kifo ekyo, nga ayagala ekifo ekyo tukibeeremu. Era bwekityo nandyogedde erinnya lye, naye oboolyawo ayinza obutayagala nkikole. Era abadde mulungi nnyo gyetuli, kale mu mazima tetwandiyagadde kumwasanguza. Naye abadde mukyala mulungi nnyo, nnyo gyetuli. Era mu nnyumba, waaliyo Ttivvi ku ludda olumu. Tulina, ennyumba nga ya njuuyi bbiri.

Nnina famire nnene, era na bato bangi nnyo, era tu…era omanyi, bateekeddwa okubeera n'ebitanda, ng'ate nabyo bingi. Ebintu byona bituumiddwa waggulu wa binnaabyo, ate olina okutambula okuyita mu kino na kiri, okuyingira munda n'okufuluma wabweru.

60 Kati ku ludda lw'eno baalina ttivvi. Nga mu ttivvi muno, abaana ne batandika okubaako bye balaba, ku makya ga ssande, ne wabaawo eby'okuyimba ennyimba ebyajjako. Era, omanyi, nga kumpi byonna bikwasa ensonyi; singa awantu awamu waali tewali bukristaayo bwa namaddala bw'osobobola okuteekako emikono gyo, okulaba kiki ekiyitibwa obukristaayo. Kale, kirabika ng'obwesimbu bwonna bwakiggwamu dda. Kale, tebalabika ku…Kale, kibi nnyo engeri gye bayimiriramu awo ne bafunya ebikonde ne balwanagana, awo wennyini, era ne bagezaako okuyimba ennyimba z'eddiini ne birala byonna bwe bityo; ne boogera ebisesa n'omulunnyanja byatasobola kwogera, era ne boogera buli kika ky'ebintu byonna, ne basaaga nga bwe bagenda mu maaso. Omanyi, obulongoofu bw'obukristaayo bulabika buvudde mu kifo kyabwo.

61 Kaakati, ŋŋenda mu kkanisa ne ndaba omusumba nga agenda waggulu eyo era naalanga nti wagenda kubeerayo empaka z'okuwuga. Abakazi bonna ne bambala obugoye bwe banaabiramu, bonna nga bagenda wabweru eyo. Nga bagenda kubeera mu mpaka; abakazi bano, ez'okuwuga. Ate mbu bagenda kubeera na kabaga ak'engeri emu, era bagenda kusiika enkoko nnyingi, era bazannye ne ludo, era ne bintu bino byona bwe bityo. Gyendi, ekyo kiggya obwesimbu obw'anamaddala mu Bukristaayo; okubeera nga buli kintu kyona okiriziganya nakyo.

62 Nkirabye, nga nzijja waggulu eno, tukizuula nti…omanyi, tusanga bannyinaffe bangi nga bambadde empale ennyimpi, waggulu eno mu nsi eno ey'obunnyogovu, n'okusinga b'osanga wabweru eyo mu nsi ez'ebbugumu. Mulaba, kituufu. Wabweru eyo awaba obudde obwokya ennyo, tewaliiyo bangi nnyo

bosanga nga ba byambadde ebyo. Naye wano, awali obunnyogovu, bakikola. Mulaba, kiri nti, tebakitegeera nti Setaani ekyo yakikola. Mulaba? Kaakati, singa kyali kirina okubeera nga kya kubawa mirembe, nga kyali kya kweyamba wekka, kyandibadde kya njawulo. Beera musajja, ndowooza kirabika bubi ku musajja, naye omusajja tewandimutaddeko na birowoozo. Naye, omukazi, omubiri gwe mutukuvu, era ateekeddwa okugukuuma bw'e gutyo. Ate okulaba abakadde…

63 Osobola okulaba, abantu olwa leero. Waliwo emyoyo ebiri. Era ogumu ku gyo ye Mwoyo Omutukuvu; omulala ggwe Mwoyo ogutali mutukuvu, era omu afugibwa ogwo. Ate gy'ombi gya kinnaddiini. Kaakati, yee, ekyo kye kitundu ekisinga okweewuunyisa, gyombi gya kinnaddiini. Era nga Esawo ne Yakobo bwe baali, bombi baali bannaddiini; nga Kayini ne Abiri bwe baali, bombi nga bannaddiini; nga Yuda ne Yesu bwe baali, bombi nga bannaddiini. Era tukiraba olwa leero, enjuuyi zombi, bannaddiini. Mulaba, Omwoyo gwe gumu. Abantu bafa naye Omwoyo tegufa. Gusigala gugenda mu maaso, gyombi gya kinnaddiini.

Omu ku bo alina Mwoyo Mutukuvu, abo ababeera mu kika ky'obulamu bwe bateekeddwa okubeeramu, ne batambula nga batya Katonda era nga ba mazima. Tebasobola kukuba njawulo yadde ey'ekinusu, era bakola ebintu byona mu mazima bye basobola okukola, okukuyamba. Naye ate abalala bajja…balungi nga bwe basobola okubeera.

Ate abalala, tukizuula, nga ate bo ba kifuulanenge. Kyokka, ate nga, gyombi Myoyo gya kinaddiini, gyombi ebiri; ogusooka, Mwoyo Mutukuvu; ate omulala, mwoyo mubi. Era singa wegendereza, yadde nga beeyita banaddiini, bajja kukujjeregerera era bakuyite omuntu eyefuula ow'Omwoyo ennyo. Bakola kyonna kye basobola.

Bo, beesamba ekigambo kya Katonda ekitakyuka, nga kiringa ekitawandiikibwangako.

Mulaba,

64 Osobola okugamba nti, "kaakati, labayo, Bwe kiba ng'okubatizibwa…"

"Nze nnina Omwoyo Omutukuvu!"

"Ng'ate oyimiridde wano n'omunwe gwa sigala mu mukono gwo, ng'ogufuuwa?"

"Yee, nnina Omwoyo Omutukuvu! Sirowooza nti kikyamu okunywako ku mwenge omutono. Sirowooza…" olaba?

Era mukyetegerezza, "Sirowooza"? naye nga Katonda Alowooza mu ngeri ya njawulo, mukiraba, okusinziira ku kigambo Kye, olaba? Mulaba, bo…era bo kukifujjako malusu. Ekyo ddala kituufu.

65 Era nga namukadde ono omulema eyeewalula mukiseera ekyo, nga Dawudi agobwebwa okuva ku ntebe ye. Yali ayambuka wangulu ku Lusozi lwe Mizeyituuni, ng'afuluma, ng'akaaba nga bwayambuka waggulu, ng'atunula emabega. Era namukadde ono ne yeewalula wabweeru eyo era n'amufujjira amalusu. Era omukuumi we n'agamba nti, "Sijja…kuleka ogwo omutwe gw'embwa gumusigaleko, n'awandulira kabaka wange amalusu?"

Dawudi n'agamba nti, "Muleke yekka." Mulaba, bamuwandulira amalusu.

Oluvanyuma lwe myaka nga lunaana, ne mutabani we Yesu Kristo ne bamuwandulira amalusu.

Era n'olwa leero bamuwandulira amalusu nate. Nga kiringa ekitali na…Nga tebatya Katonda, nga tebibakwatako, abakyusa obukyusa emitwe gyabwe ne batambula ne bakivaako, era ne baseka mu maaso go. Lwaki kiri bwekityo? Bali mu lyato bagenda Talusiisi. Ky'ekyo kyennyini.

Okuyita kwa Katonda kuno, oteekeddwa okuvumirira obubi, okuvumirira ekibi, okuvumirira ebintu ebikyamu. Kaakati, jukira, kijja kuba.

Mmwe, mumanyi, ku mulundi guno. Mumanyi, ndi mu bbanga lya njawulo ya saawa bbiri. Era mu Tucson ziri eddakiika kkumi zokka ezakayita ku ssaawa emu, era ninga atandise okuva mu kifo kyange. Huh? Kale

66 Kaakati mujjukire, tugenda kukyanukulira. Mujjukire, abo abawandulira Kristo amalusu bakyanukulira.

Dawudi bwe yakomawo okuva mu buwaŋŋanguse, gye yali yaddukira nga bamugobye, era bwe yakomawo, mujjukira, omusajja ono yagwa ku bwenyi bwe n'akaaba ng'asaba okusaasirwa. Yawandulira Dawudi amalusu, ng'afuluma, naye kati kumpi yali mwetegefu okunaaza ebigere bye namaziga, era, bwe yakomawo.

Era olunaku lumu abo abafumita Yesu bajja kukiraba.

Era n'abo abali mu kumufumita olwaleero nabo bajja kukiraba, olunaku lumu bajja kukiraba, kijja kukomawo. Mujjukire, okubikkulirwa 22, Atulagira okukuuma buli kigambo kyonna ky'Awandiise; buli

kigambo kyonna.

67 Kaakati tukimanyi nti okubeerawo kwe kuli wano. Kukakasiddwa. Tuli wano nakwo. Twesiga, nti mu eno wiiki ejja, kijja kweyongera okukakasibwa mu masekkati gaffe; abalwadde bajja kuwonyezebwa, era ebintu eby'amaanyi bigenda kubeera nga bituukirira.

Tetwagala birowoozo bya tutumu. Twagala mazima. Era tetulina kintu kyonna kye twagala kweŋŋanga okujjako ekyo Katonda kyAgambye nti ge mazima. Naye, "Beera mukakafu nti ebibi byo bulijjo bijja kukuzuula." Bwe bitakusanga wano, bijja kusanga ku lunaku lw'Omusango. Bwekityo oli…bigenda kusanga awantu awamu, kaakati. Yee, ssebo.

Naye bwobeera ng'oli Mukristaayo ow'amazima, nga wayitibwa mu mazima nga Yona bwe yali, Katonda yasasula dda ebisale byo. Vva ku lyato eryo erigenda e Talusiisi, mu ngeri yonna. Katonda Yakuteekateeka ku lw'Obulamu buno. Yee, ssebo. Bwobeera ng'oli mwana wa Katonda ow'amazima eyayitibwa, jangu eri Kristo. Jangu mu bujjuvu bwe, ekkubo lyo lyasasulibwa kugenda wa? Lyasasulibwa kugenda Nineeve, si Talusiisi, wayawulibwa. Eryato lyo…waliwo eryato erisimbula kaakati, liri mu lugendo lwalyo. Bwekityo waliwo ekintu kimu kyokka eky'okukola, ggwe lirinnye. Era singa wali nga Katonda, tewandibadde na mirembe yadde…

68 Ng'omwana wa mwannyinaze, gwe nnayogeddeko awo emabega. Giri mu myaka nga kkumi kaakati, abadde ng'atambula kuva mu kifo nga bw'agenda mu kirala. Amakya agamu agenda mu eno Ekelezia, mu Ekelezia y'Abakatuliki wamanga wano, ate natwala bino kubanga waliwo omusosodooti eyakyogeddeko *wano,* ate n'omulala *wali,* ate omu *wano.* Kyonna kivaamu ki? Mulaba? Kaakati akyalumwa ennyonta n'enjala. Nnamugambye nti, "Ekifo kyo kiri wansi wano ku wolutaali, Mutabani? Mulaba?

Tewaliiwo ngeri yonna ya kukivaamu. Singa Katonda Akutandikako okukunoonya, kiba kirungi okuwanika n'ogenda mu maaso. Ky'ekyo kyokka.

69 Mujjukire, Katonda! Kale, Katonda mu lyato yalimu. Katonda mu muyaga yalimu. Katonda mu kyennyanja yalimu. Buli wantu we yakyukira, Katonda yaliwo.

Mulaba, Katonda waali, era kijja kusigala kikulumiriza. N'olwekyo lwaki tukyalinda nate? Leka tutandikirewo okudda obujja kuno. Kituufu! Kiki kye tukyalindiridde? Tukkiriza nti okujja kwa Mukama waffe kusembedde, era agenda kuba n'omugole, era Yeteeseteese. Era tetwagala maato gonna gagenda Talusiisi nate. Tugenda Nineeve. Huh! Tugenda mu kitiibwa. Amiina. Ekyo kituufu. Tugenda eyo Katonda gy'Agenda okuwa omukisa, era ekyo kye twetaaga okukola.

70 Tugalamire mu kubeerawo kwa Katonda, awo, ne mitima gyaffe; so si na mikono gyaffe, ekisusse, naye n'emitima gyaffe mu maaso ga Katonda, okutuusa nga Atutereezezza, mu buli nsonga yonna, bwe tutyo, n'amagulu g'ekitangaala ky'ekitiibwa Kye; era nga Atubumbye okuba n'obulungi bwe, n'Ayengeza ekyo kyetulina, ne kifuuka ekyannamaddala, mulaba, okutuuka awo we tusobola okulagira abalala nti Yesu Kristo mulamu. Oh, abaffe! Ekyo twetaaga tukikkirize.

71 Era mujjukire nti, eyo Yona gye yagenda, Katonda yalimu mulyato; Katonda mu muyaga yalimu; Katonda mu kyennyanja yalimu. Yagenda mu maaso ngali kumpi ne Yona okutuusa okwagala Kwe okutuukiridde bwe kwakolebwa. Ekyo kituufu.

Era bw'Aba ng'Akunoonya, oyinza okwewala n'odda *wano,* era ne weewala nodda *wali,* naye ojja kubeera munakuwavu okutuusa lw'onakomawo era n'okola ekintu ekyo kye watandika okumukolera ku lubereberye. Mulaba? Togenda, kudduka kuva mu maaso ga Katonda. Kyeŋŋange. Gwe kikkirize nti ge Mazima, awo leka…bwe kiba nga ge Mazima, kigwana okubeerawo ku lw'akyo, oba n'okukifiirira, oba ekirala kyonna. Era singa Abeera yakikukakasiza, nti ge mazima, kati awo tetusobola kukidduka, tewali wantu wonna. Ajja kubeerawo awo wennyini, ng'era kye kimu. Tosobola kukikola.

72 Okuyita mu nnabbi we gwataddewo, oyo gwe yayawula okuserengeta wamanga eyo era alangirire obubaka obwo. Kaakati, kyali kirabika nga Eyanditumye nnabbi omulala, naye yayawula Yona; era ne Eriya teyandikikoze; Yeremiya teyandikikoze; Musa teyandikikoze. Yona ye yalina okugenda mu Nineeve. Ky'ekyo kyokka ekyalina okukolebwa. Yamutuma era n'Amugamba agende. Era bwagamba nti, "Genda wano, Yona, genda e Nineeve," tewali muntu mulala yenna ayinza kugenda akikole okujjako Yona.

Era Katonda bwabeerako ekintu ky'Akugambye, oteekeddwa okukikola; tewali muntu mulala. Mulaba, tuteekeddwa okukyeŋŋanga, era, era tugende tukikole.

Tukkiriza nti tuli mu kiseera nga Katonda alina kyali mu kukola. Tukkiriza nti tuli mu byo kaakati. Nzikkiriza nti ekiro kya leero mbuulira ekibiina ekyo ekigalamidde, nga kirinze bulinzi okwengera. Ekyo mu mazima nkikiriza, n'omutima gwange gwonna. Nnyinza okwogera nti kye kimu kaakati nga bwe kibaddenga.

73 Kaakati, tukkiriza nti esaawa etuuse omutukuvu Yokaana 14:12 we kiteekeddwa okutuukirira.

Tukkiriza nti Malaki 4 kiteekeddwa okutuukirira. Tukkiriza nti Lukka 17:30 kiteekeddwa okutuukirira. Ekyo tukikkiriza, obunnabbi bwona buno bwe yagamba nti bujja kutuukirira mu nnaku zino. Tukkiriza nti buteekeddwa okutuukirira, era tukkiriza nti tubulaba nga butuukirira mu kiseera kino. Ekyo ddala kituufu.

Lekeraawo okudduka. Tofuluma mu kubeerawo kwe; yingira buyingizi okutuuka mu kubeerawo kwe. Ekyo kituufu. Era nkimanyi nti ekyo kye muyaayaanira okukola. Kubanga, ndabye enamba ze mmotoka awo ezivudde mu Texas, ne Louisiana, na buli wantu wonna. Ekyo kye kyatuleese wano, si kudduka kuva mu kubeerawo kwe, naye kudduka kugenda mu kubeerawo kwe.

Komawo, va ku… [Ekitundu ekikalu ku katambi -Muk.]… abadde Yona, bwoba obadde wewuunya kkubo ki ery'okukwata oba kiki eky'okukola, jangu eno, olinnye eryato wamu naffe ekiro kya leero. Tugenda wamanga e Talusiisi, okwogerera waggulu gye bali…oba, e Nineeve, okukyogerera waggulu. Eryo eryato erigenda e Talusiisi tulirese ligende oba bagala kugenda. Tulina omulimu ogw'okukolera Katonda, nga ogwo, bwe Bubaka bwetuvunaanyizibwako.

74 Kale nno mu eno wiiki ejja, ekiro kya leero kubadde kwanjula bwanjuzi, okubategeeza. Bwemba njogerera waggulu, nze nvunaanyizibwa ku bubaka ng'omuntu, ab'oluganda. Mmwe abaweereza abatudde wano, siri wano kubalumya. Ate mmwe abasajja na bakazi, ku nsonga eno ey'okufumbirigana n'okwawukana egenda okujja, ekiro kya leero njagala mujukire. Bino byona mbyogedde, okubatuusako kino, nti nvunaanyizibwa eri Katonda Yekka.

Naye ate, era nvunaanyizibwa gye muli, okubabuulira amazima. Era sirina kye ŋŋenda kubabuulira kyonna okujjako Amazima, kasita Katonda Anabeera ng'Andese okumanya Amazima ge galiwa. Okutuusa nga ntegedde amazima, sirina kintu kyonna kye ŋŋenda kukyogerako, mulaba, Sirina kintu kyonna kye ŋŋenda kukyogerako. Naye nzikkiriza nti Katonda andaga amazima ku *Kufumbirigana n'Okwawukana,* era mmwesiga nti Ajja kunzikkiriza ngaggyeyo.

75 Era obubaka obulala bweŋŋenderera okubeera nabwo wiiki eno, buli, *Merukizeddeeki Ono ye Ani? Wa Katonda we yalonda okuteeka Erinnya Lye?* N'ebintu ebirala ebitonotono bwe bityo, nga bwe bubaka obugenda okujja, era *n'okulumwa ebisa by'okuzaala.* Era ne bintu ebirala ebitonotono, ebiri mu ngeri eyo, okwongereza ku *Omusajja ng'alonda mukyala we.* N'ebintu ebitonotono, Obubaka obwo, bwenjagala okubuulira wiiki eno. Naye njagala ekibiina…

Wa, bwe waba nga waliwo omuweereza wano; nze siriiwo wano, baganda bange…saagala mmwe, oba abamu ku mmwe, muddeyo mu makanisa gammwe, mulyoke mugambe nti, "Ow'oluganda Branham yagambye *kino* na *kiri."*

Nze nvunaanyizibwa ku bubaka obumpereddwa okuva eri Katonda omuyinza w'ebintu byonna. Nga nnyimiridde wano ekiro kya leero, era Katonda Akimanyi nti ekyo kituufu, awo wennyini ku mugga guno… waaliwo abantu, oboolyawo, batudde wano, Malayika wa Mukama Oyo bwe Yakka wansi awo era n'Aŋŋamba bye yakola, awo wennyini mu 1933, wano wennyini ku luguudo luno oluyitibwa Spring Street, bwobeera ng'oli mupya wano, vuga okkirire okutuuka wamanga awo. Awo mu kkoona ly'oluguudo oluyitibwa Spring Street wootuukira ku mugga, era awo we kyatuukirawo. Ekyo kyaliwo mu 1933 kati kumpi giringa emyaka amakumi assatu mu ebiri egiyiseewo, kati. Oh, gibadde mu myaka amakumi assatu… gibadde assatu…emyaka assatu mu ebiri egiyiseewo, emyaka assatu mu ebiri egiyiseewo.

N'okuba nti ebyo byonna Abituwadde, ebintu byonna. Era tufulumye wabweru, nga tuleeta Obubabaka, era tulabye abalwadde nga bawonyezebwa, abazibe ba maaso, n'abalema n'abagongobadde, n'abaaziŋŋamye, n'ebirala. Ate era tulabye n'abafu, be tumanyidde ddala nti nabo bakakasiddwa, nga baazuukira okuva mu bafu. Abantu, abafa ne bazuukira ne bakomerawo ddala mu bulamu nate, n'ebintu bino byonna.

76 Singa obubaka bubuulirwa, wabeerawo obubonero n'eby'ewuunyisa!

Ate ne musigala n'endowooza eyo enkadde gye mwagunjawo? Ekyo ekitaava eri Katonda. Katonda tekimukakatako okumala gakola…

Katonda agezaako kusikiriza ebirowoozo byammwe mubereko kye mussaako omwoyo.

Era Yesu bwe Yafuluma wabweru, yatandika okuwonya abalwadde, era n'okukola emirimu egy'amaanyi ne bintu. Ye, bulijjo, Ye…Yesu yakikola. Era Musa ne Yesu baakikola, n'abasigadde bonna. Era ne bwe yali wano, yakikola.

Era Ali mu kukola, ekintu kye kimu olwaleero. Bw'Atuma olukuŋŋaana bw'atyo, okudda obuggya, n'Atandika olukuŋŋaana ku nsi, era natandika okutambula wamu n'obubonero buno n'eby'ewuunyisa. Ate olwo ne mulaba, eyo enjigiriza ey'edda, ng'ekomawo, awantu awo wabaawo ekintu ekikyamu. Waliwo ekintu ekiggya ekivaayo!

77 Yesu bwe yavaayo, oluvanyuma, bwe…

"Oyo Labbi mulungi." Awo Yali asobola okugenda ku buli kituuti kyonna era nabuulira, bwe yali ng'awonya abalwadde. Bwe, oh, baali bamwagala okubeerayo eyo.

Naye olunaku lumu bwe Yatuula wansi, era n'agamba nti, "Nze ne kitange tuli omu," Ow'oluganda, oluvanyuma lw'ekyo teyaddamu kubeera muganzi nate. Bwe yagamba nti, "Okujjako nga mulidde Omubiri gwange, n'emunywa n'Omusaayi gwange, temulina bulamu mu mmwe. Naye oyo alya Omubiri gwange, era n'anywa Omusaayi gwange alina obulamu obutagwaawo; era nja kumuzuuukiza ku lunaku olusembayo." Awo, okuva olwo teyaddamu kubeera muganzi nate.

Baagamba nti, "Omusajja ono kanywa musaayi. Omusajja ono Beeruzebuli. Eyo yengeri gye yakolamu ebintu ebyo. Yababuuliranga ebyali mu mitima gyabwe. Yatunula mu bwongo bw'abwe era n'Ategeera ebirowoozo byabwe. "Omusajja oyo mulubaale."

Naye, kyali kino nti, Ye yali ekigambo kya Katonda ekyalabisibwa mu ssaawa eyo. Era kyali kimukakatako. Yagamba nti, "Bulijjo nkola ebyo ebisanyusa Kitange." Katonda naffe Atuyambe okukola ebintu bye bimu, okukola ekyo ekisanyusa Kitaffe.

Era nsuubira nti mmwena mujja kukitegeera. Singa temukiriziganya nange ku bubaka buno ne bintu bino, nti mujja kujjukira, wakiri, mumpe ekitiibwa ku kino, nti nnina obuvunaanyizibwa, era sigenda Talusiisi. Ndi mu lugendo oludda e Nineeve, era ŋŋenda kwogerera waggulu. Mukama mmwena Abawe omukisa.

78 Leka tukoteke emitwe gyaffe kaakati okumala akaseera.

Kumpi saawa ssatu ne kitundu. Saagala kubakuumira wano, naye kino njagala kukizuula bwe mba nsobodde, ekiro kya leero. Waliwo abamu abali wano nga temuli awo wennyini wemuteekeddwa okubeera mu Kristo, naye nga wandyagadde okubeerawo, era ng'oyayaana okubeera, oyinza okuwanika omukono gwo, ogambe nti, "Ow'oluganda Branham, nsabira"? Katonda akuwe omukisa, mulabe emikono egyo. "Njagala…nzuuno wano, ow'oluganda Branham, okusembera okumpi ne Katonda."

Era omutwe gwo bwoba waguyimusiza, omukono gwange guli waggulu, nagwo. Eyo yensonga lwaki ndi wano. Nnumwa enjala, nga mmwe.

Naye, oh, ku lunaku luli, ekimu ku bintu ebirungi ennyo kyatuukawo, era kaakati mmanyi eky'okukola. Era nsaba nti Katonda abawe okutegeera okwo okutangaavu. Weekuli. Bwe waba nga waliwo ekibuuzo mu mutwe gwo, wateekeddwa okuba nga awantu awamu waliwo eky'okuddamu, okwanukula ekibuuzo ekyo. Essaala yange, eri, nti, Katonda akuletere okulaba ekibuuzo ekyo nga kiddibwamu mu saawa eno.

Bwoba oli mulwadde, tusaba Katonda akuwonye. Tugenda kubeera ne nkuŋŋaana ez'okuwonyezebwa, bwensuubira, mu buliwo buli kiro, era tugenda kusabira abalwadde. Tugenda kukola buli kintu kyonna kye tusobola tubayambe, era nammwe mukole buli kintu kyonna kye musobola okutuyamba. Era tujja kukolera wamu, nga twesiga Katonda nti Ajja kutuwa olukuŋŋaana olw'amaanyi.

79 Kaakati, Katonda kitaffe, ebigambo bino ebitono ebikutusekutuse, naye kaakati biri mu mikono gyo. Mukama, bimaze okwogerwa. Nteekeddwa okubisisinkana. Era nga…ebigambo ebyo tebisobola kufa; bigenda nga byetoloola bwe byetoloola ensi, ku butambi obuterekebwa, era olunaku lumu nja kuddamu mbyeŋŋange nate. Kino nkimanyi, Mukama era, nkyogera n'obwesimbu obw'ebuziba bwonna.

Ow'omukwano Katonda, ekiro kya leero, nsabira buli ssekinoomu ku bano, abaana bo. Era, O Katonda, nkwesiga, nga wiiki eno tenaba kuggwa, bajja kutegeera; nti ekibuuzo, eky'amaanyi ennyo mu bwongo bwabwe ekiro kya leero, kijja kwanukulwa. Kituwe, Mukama.

Waliwo abamu abali wano abatakumanyi, Kitange, ng'omulokozi, oboolyawo abatajjuzibwanga na Mwoyo Mutukuvu. Leka kino kibeere ekiro ekyo.

Mukama, sirina muntu yenna gwe nnyinza kujjuza na Mwoyo Mutukuvu. Newankubadde okumulokola. Kyensobola okukola kubagamba ekyo kye wayogera, "Bamukisa abo abalummwa enjala ne nnyonta olw'obutuukirivu, kubanga abo balikkusibwa." Era nsaba, Katonda, nti Otonde mu mitima gyabwe enjala ey'ekika ekyo.

Bangi, Mukama, balina okuba nga bayala; bayinza batya okuvuga enkumi ne nkumi za mayiro zino, okuyita mu muzira n'ebirala byonna, ne mu nsozi ezirimu enkuba, n'okusomoka amalungu, okujja mu kafo kano akakadde nga batudde wano mu kasonda! Awo ne ndowooza nate, Wagamba nti, "Awo awali omulambo, empungu we zikuŋŋaanira." Tuliise, Mukama, ku mannu yo ey'obwa Katonda. Emmeeme zaffe ziwe ekyo kyennyini kyetwetaaga. Tulumwa ennyonta ku lulwo, Kitaffe. Tuli mu mikono gyo kaakati.

Leka Omwoyo Omutukuvu eyakka wansi ku lusozi ku lunaku lwa luli waggulu eyo, nsaba nti Ajja kusikuula buli mutima gwonna oguli munda wano n'obulungi Bwe n'ekisa, n'okutegeera. Tukitegedde, Kitaffe, nti ekyo kye twetaaga, kwe kutegeera. Kubanga bwe tuba nga tetumanyi kye tukola, olwo tuyinza kumanya tutya engeri y'okukikolamu? Naye tuteekeddwa okubeera n'okutegeera. Nga Danyeri

bwe yagamba nti, yafuna "okutegeera okuva mu ebyo ebyawandiikibwa nnabbi Yeremiya." Era Kitaffe, tulina okutegeera okuyita mu ebyo Omwoyo Omutukuvu bye yawandiika, nga bw'Anaabitubikkulira mu ssaawa eno. Tuwe, Mukama, okuyayaana kwe tulina gyoli. Mu buwombeefu kino tukisaba, Kitaffe, ku lw'ekitiibwa Kyo, mu Linnya Lya Yesu Kristo.

80 Kaakati nga tukotese emitwe gyaffe. Nga mwanyinaffe bw'atukubira ku nnanga, "Ajja kumpa ekisa n'ekitiibwa, era Atambule wamu nange ppaka lwe ndituuka." Njagala kaakati musabe mu kasirise era musabe Kitaffe ali mu Ggulu nti ekiro kya leero Akuwe, ekyo kye weetaaga.

Ow'oluganda omwagalwa, mwanyinaze omwagalwa, Akuli kumpi nnyo ng'omukono gwo bwe gukuli okumpi. Wali, okiririza mu bintu ebirala, nzikiriza mu kino. Ali wano okukuwa kyonna kye weetaaga.

Oh, okumala wiiki ntono eziyise mbadde muyala nnyo, muyonta nnyo, nga mpulira njagala nnyo okukomawo awaka, okubalaba. Eyo yensonga lwaki n'agamba, "Billy, leka tugende awaka."

Meda n'agamba nti, "Kiki ekyagala okukuzaayo mu eyo ensi ennyogoga nate, Bill? Bulijjo ofuna amabwa mu bulago n'ebiri nga ebyo. Bulijjo ovaayo ng'olina ssennyiga, era ng'osaakadde eddoboozi, nga tosobola na kwogera bulungi."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, simanyi." Ne mugamba nti…ndaba mukwano gwange, Charlie Cox, ng'atudde emabega awo. Ne ŋŋamba nti, "Njayayaana buyayaanyi okuwuulira Charlie ng'agamba nti, 'Ka kaamujje ako akatono kawalampye omuti ogwo awo.' Mpulira enjala ey'amaanyi okukiwuulira ekyo." Njagala bwagazi kubeera awo wooli.

81 Nkimanyi nti muganda wange Banks mulwadde nnyo. Era nnamulabye mu kwolesebwa, wano si bbanga ddene eriyise, era yabadde agalamidde ku mugongo ggwe. Era nkimanyi nti yasemberedde nnyo okutuvaako, emabegako gye buvudde. Bwentunuulira abamu ku mmwe abenjawulo…

Nnayingira ekiro kya luli, mu lukuŋŋaana lwa ba Christian Business Men, n'abalala okuva mu nsi yonna. Namukadde "Taata" wa Shakarian, Demos, Taata oyo yali nga atera okutuula awo n'abeera ng'atunudde butunnuzi okutuusa bwe nnayingirangawo munda, kati awo namwenya, era n'okwo okumpuubira omukono kwe yampuubiranga. Ku mulundi guno teyaliiwo. Yagenda.

Awo ne nzija eri ab'ennyumba eyo, ne "BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA, muwala waabwe naye agenda kufa. Florence, namulabye mu kwolesebwa, namulabye nga agenda. Era nkimanyi nti agenda. Era ne ŋŋamba nti, "Musabe, musabe busabi. Omanyi waliwo…lumu bagamba nnabbi omu agende agambe Kabaka atereeze ennyumba ye. Era n'asaba, Katonda n'Amulekera obulamu bwe, emyaka emirala kkumi ne ttaano." Ne mugamba nti, "Ssaba."

82 Naye, mmwe mulabe, era olwo ne nkomawo…Nnali ntudde wano mu kawooteri, ku lunaku luli, nga ndi mu kulya. Omusajja najja gyendi, n'agamba nti, 'Si ggwe Billy Branham?"

Ne ŋŋamba nti, "Yee."

Oboolyawo yali tammanyi, kubanga kino kiri wano ku kiwalaata ku mutwe gwange. Nnali nyambadde akatundu ka kaviiri kano, okwewala okuzimba mu bulago nga ndi mu lukuŋŋaana luno.

N'atambula n'ajja gyendi, n'agamba nti, "Mbadde ndowooza nti nkumanyi, Billy."

Ne ŋŋamba nti, "Yee," ne ŋŋamba nti, "Ggwe ani?"

N'agamba nti, "Nze John Warman."

Ne ŋŋamba nti, "Zip ali atya?"

N'agamba nti, "Billy, yafa." Uh!

83 Nnali ntambula okuyita mu kisenge kye kkooti; nnali ŋŋenzeeyo kusasula misolo gyange. Mbeera nserengeta okuyita mu kisenge kye kkooti, omukazi n'aleekana ng'ampita, era n'agamba nti, "Obadde okimanyi nti John afudde?" oba, erinnya eddala. Iiyinza n'okuba teryali John; Ed, oba ekintu ng'ekyo. Ne mugamba nti…omukazi oyo nnali simumanyi. Nnawuulira nga nswadde. Era nagenda okukizuula, nga nnali simumanyi oba yaani.

Omukyala n'agamba nti, "Ojukira ekiro kimu ekyali eky'enzikiza ennyo omugga bwe gwali gubooze okutuuka ku lubalama wabweeru wano, na mayumba ne gatwalibwa, eyo ku luguudo oluyitibwa Chesnut Street, era wateeka obulamu bwo mu matigga n'ogenda mu kifo n'oggyayo omukazi na baana?"

Ne ŋŋamba nti, "Ye ggwe?"

Omukyala n'agamba nti, "Ye nze omukyala oyo." N'atandika okuleekaana nga bw'ayita omwana we omuto; mumanyi emboozi yange eyo. N'agamba nti, "Oyo gwe mpise 'omwana wange omuto' yafumbirwa

alina na baana.” Mulaba? Era wuuno wano, akuze alina n'envi; era nange nzuuno wano.

Omu ku omu, kaadi zaffe ziva ku massa, nga bwe kyali. Era bwe tubeera ne nkuŋŋaana, ng'ono musubwa, n'oli musubwa. Olumu ku zino ennaku waliwo agenda okubeera nga takyaliwo.

Naye, ow'oluganda, mwannyinaze, waliwo ekifo eky'okukuŋŋaaniramu. Leka tubeere bakakafu kaakati nti tuli batuufu. Munaakikola? Temuleka kutegeera kwaffe kwonna okwa Katonda, n'ebirala, kugendere bwereere. Leka tukkirize.

84 Kitange, bali mu mikono gyo. Ndi mu mikono gyo, Mukama. Kaakati tuli wano kwewaayo kwokka, nga twetegekera enkuŋŋaana ezigenda okutandika ekiro olw'enkya. Onootuyamba, Mukama? Leka embozi zaffe zibeerenga kuggwe wekka buli kiseera! Leka emitima gyaffe n'ebirowoozo byaffe bisigale ku ggwe wekka, era wagamba nti ojja kutukuumira mu mirembe egituukiridde. Era kyawandiikibwa mu Baibuli, “Teweesigama ku kutegeera kwo ggwe.” O Katonda, tetwagala kutegeera kwaffe; twagala kutegeera kwo. Bituwe, O, Katonda. Era leka okudda obuggya kuggye mu mmeeme zaffe okutuusa ekibinja kya bantu bano bwe banaatuuka nga bali mutima gumu era mu Mwoyo gumu. Kituwe, Kitaffe. Ebintu bino bituwe, nga bwe tusaba mu Linnya Lya Yesu Kristo.

Okutuusa emmeeme yange, lw'eriwummula eyo okusuka omugga.

Mu musaalaba, gwo

Gye… (Leka tuwanike emikono gyaffe) nteeka ekitiibwa;

Okutuusa emmeeme yange, lw'eriwummula eyo okusuka omugga.

85
Yesu, onkumire kumpi, n'omusaalaba
Awali ensulo,ey'omuwendo
Ya bwerere… (Yee, Mukama, ya bwerere) okuwonya,
Nga eva eri ensulo y'eGologoosa.
Mu musaalaba, Gwo, Mu musaalaba, Gwo
Gye nteeka ekitiibwa;
Okutuusa emmeeme yange, lw'eriwummula eyo okusuka omugga.

[Ow'oluganda Branham atandika okumuumuunya okumpi n'omusaalaba -Muk.] Ai Katonda! bwe waba nga waliwo omuntu yenna ku mmwe awuulira nga ayagala okujja waggulu wano era afukamire wansi wano ku woolutaali, bwoba oyagala kujja, ng'ogamba nti, “Siri awo we nteekeddwa okubeera, Mukama. Njagala kuddamu kukola kwerongoosa nate. Njagala kukikola kiro kya leero, Mukama.” Oyaniriziddwa okujja. Tugenda kubeerawo wano okukusabira. [Ow'oluganda Branham ne yeyongera okumuumuunya okumpi n'omusaalaba.]

Mu musaalaba, gwo Mu musaalaba, gwo
Gye nteeka ekitiibwa;

$$Okutuusa emmeeme yange, lw'eriwummula eyo okusuka omugga

Yesu, onkumire kumpi, n'omusaalaba
Awali ensulo,ey'omuwendo
Ya bwerere… (Yee, Mukama, ya bwerere) okuwonya,
Nga eva e Gologoosa.

Mu musaalaba, gwo Mu musaalaba, gwo
Gye nteeka ekitiibwa;
Okutuusa emmeeme yange, lw'eriwummula eyo okusuka omugga.

86 Leka tusabe, buli sekinnoomu mu ngeri yo kaakati. Mweerabire- Mweerabire obudde. Ka tukoteke emitwe gyaffe mu kubeerawo Kwe. Omukyala ono omuto ali wano, aleekana, “Yesu, nkwagala!” ojjukira ddi lw'ewalokoka, emyaka mingi egiyiseewo, ekyo okijjukira bwe kyali ekiwoomu gyoli? Era Akyali muwoomu n'ekiro ky'olwa leero. Ka tusabe, buli sekinoomu mu ngeri yo kaakati. Leka fenna tweyawule eri Katonda, tweweeyo bweewi eri Mukama.

87 Mukama waffe Yesu Kristo omwagalwa… [ Ekitundu ekikalu ku katambi - Muk.]

Ensulo y'essanyu lyange lyona,
Esinga obulamu gyendi,
Ani gwennina ku nsi atali ggwe?
Oba ani mu Ggulu okujjako ggwe?

Ow'omukwano Katonda, tusaba kaakati nti okusaasira Kwo ne kisa Kyo biweerezebwe ku buli muntu yenna ku ffe, Mukama. Tuli wano okwetoloola woolutaali. Bangi tebasobodde kujja waggulu wano; Ojja kubasisinkana mu bifo byabwe. Kyonna kye tuwaawo, Mukama, oli mwetegefu okukikkiriza. Singa tuwaayo buwi obudde bwaffe, ojja kubukkiriza; ebitone, ojja kubikkiriza. Naye, Mukama Katonda, ekiro kya leero awo tugenda kusukkawo, tuwaayo kyona kyetuli. Kyonna kyendi, kyonna kye nsuubira

okubeera, byonna biri mu ggwe, Mukama. Tusaba nti kino Okitwale, essaala zaffe, mu mutima Gwo, Mukama, era otuwe obuziba obw'amaanyi obw'Omwoyo Gwo, awo n'obulamu bwaffe bukyusibwe. Kubanga tulaba nti tusemberedde enkomerero kaakati. Tekisobola kulwaawo nnyo. Era nga bwe tulaba abagalwa baffe nga batondoka, buli lunaku, abato na bakulu, tukimanyi nti esaawa yonna kiteekeddwa kukonkona ku luggi lwaffe. Era ekiro kya leero, Mukama, nga tutegeera bulungi, tutudde wano, oba tufukamidde wano, tuyimiridde wano, engeri yonna gye tulimu, tukkirize Mukama Katonda.

Ntwala, Mukama. Sirina kyendi, naye kyonna kyendi, Mukama, bwoba osobola okunfunamu omugaso gwonna, nneewongayo gy'Oli.

88 Nsaba, ow'omukwano Katonda, eri buli sekinoomu ku bano. Abantu bano ab'omukwano be nnayimirira eyo waggulu mu lusozi mu Arizona ne nkaaba ku lwabwe, era baabano bafukamidde wano ku wolutaali wamu naffe ekiro kya leero, nga basaba, nga tuwongayo obulamu bwaffe. Tukwagala, Kitaffe, okusinga obulamu bwaffe bwennyini. Tukwagala okusinga ab'ennyumba zaffe bonna. Tukwagala okusinga abakyala, abaana, bakitaffe, ba nnyaffe, bannyinaffe, baganda baffe, abaami baffe, abakyala. Tukwagala, Mukama waffe Yesu. Ekyo kifuule kya nnamaddala nnyo mu mitima gyaffe, Mukama. Tufukeeko amafuta g'okusanyuka, wiiki eno, Mukama, mu mmeeme zaffe. Tunaaze, n'okunnaazibwa kw'Ekigambo Kyo, n'amazzi ge Kigambo, ng'otwawulira Amazima.

Bangi wano ekiro kya leero, Mukama, n'abajja okubeerawo, abatabuddwatabuddwa ku mitwe gino egy'amakulu ennyo. Ai Katonda, bikkula ensulo eyo mu nnyumba ya Katonda, ey'okutunaaza. Nsaba, Katonda, nti ojja kutunaaza era Otulongoose mu musaayi Gwo, era otufuule bitonde bijja. Era tuwe ekisa n'amaanyi, okuleeta Ekigambo eky'Amazima mu kubikkulirwa kw'akyo okw'obutonde bwa Yesu Kristo.

Leka Alabike mu maaso gaffe, Mukama. Leka Ajje Awonye endwadde zaffe, Asonyiwe ebibi byaffe, Ajjuze emitima gyaffe emiyala n'amawulire amalungi agessanyu ery'amaanyi, Enjiri ng'erabisiddwa mu bulamu bwaffe.

Wa omukisa buli Musumba, buli mukulembeze wa nnyimba, buli musomesa wa ssande ssukuulu. Ffenna wamu tuwe omukisa, Mukama, kubanga mu mazima tukwagala. Era kaakati tuli babo, Mukama, mu kwewaayo kuno. Mu Linnya Lya Yesu Kristo, tukozese kaakati okusinzira nga ggwe bwoyagala.

89 Okukkiriza kwange Kuli mu Ggwe,
Ai, Gwe omwana gw'Endiga owe Gologoosa,
Mulokozi wange ;
Ompulire leero nga nsaba
Onnaazeeko ebibi byonna,
Onfuule omwana wo
Omwesigwa okuva n'olwaleero!

Ekyo mukyagala? Leka tukiyimbe nate.
Bwe mba nkyatambula,
Mu nsi nnetolooddwa,
Ebibi bingi;
Naye Ggwe onsaasire,
Mu nzikiza muno,
Onjakize lwakisa,
Omusana.

Ekyo kikuletera okuwulira obulungi? [Ekibiina ne kigamba nti, “Amiina.” -Muk.] bameka abagala okuyimba ezo ennyimba enkadde? [“Amiina.”] nze nzagala bwagazi. Mmwe temuzagala?
Tugenda e Sayuuni,
Ekibuga ekirungi,
Tugenda e Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda.
Tugenda e Sayuuni,
Ekibuga ekirungi,
Tugenda e Sayuuni,

%Ekibuga kya Katonda
Mujje abamwagala,
Tumusanyukire nnyo;
Muyimbe mwenna n'essanyu,
Muyimbe mmwenna n'essanyu,
Mwetooloole Namulondo Ye
Mwetooloole Namulondo Ye…

Kaakati, leka tuyimirire kaakati nga bwe tukiyimba. Mukwate mungalo zaba nammwe.

Tugende e Sayuuni,

Akuwe omukisa, mwaninazze! Akuwe omukisa, mwanyinazze! Akuwe omukisa, muganda wange! Akuwe omukisa mwanyinazze! [Ow'oluganda Branham ne yeyongera okulamusa ku bantu -Muk.]
Ekibuga ekyo ekya Katonda ekirungi.

Leka tuyimuse emikono gyaffe Kaakati eri Katonda.
Tugenda e Sayuuni,
Ekibuga ekirungi,
Tugenda e Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda.
Tugenda e Sayuuni,
Ekibuga ekirungi,
Tugenda e Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda
Tugenda e Sayuuni,
Ekibuga ekirungi,
Tugenda e Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda.
Tugenda e Sayuuni,
Ekibuga ekirungi,
Tugenda e Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda.

Ekyo tekikuletera kuwulira bulungi?

[ Ekibiina ne kijjaguza -Muk.] Abaffe, abaffe! Oh, leka tuyimuse emikono gyaffe tumutendereze mu ngeri yaffe.

90 Mukama Yesu, ggwe kimuli kyo mu Saloni, eddanga ly'omukiwonvu, emmunnyenye ey'okumakya, asinga emitwalo ne mitwalo obulungi eri emmeeme yange. Ye ggwe nsulo ye ssanyu lyange lyona, osingira obulamu! Nga tukwagala! Tuwulire, Ai Mukama. Nga tukwebaza! Oh! [Ekitundu ekikalu ku katambi -Muk.] nga tukutendereza! Tukusinza, Mukama waffe ow'omuwendo era omulokozi! Ebintu bino bituwe, Mukama. Bituwe. [Ow'olugwnda Branham ne kibiina ne beyongera okusaba n'okutendereza Katonda.]
Mu musaalaba gwo,
Gye nteeka ekitiibwa
Okutuusa emmeeme yange,
Lw'eriwummula eyo okusuka omugga.

Mu ngeri emu, oba endala, mpulira nti tugenda…waliwo ekintu ekitulindiridde mu maaso gaffe. Kaakati, mmwe mujjukire, nzikkiriza nti ndi mukulagula. Essanyu ery'amaanyi litulindiridde mu maaso. Kikkirize. Ekyo kituufu. emitima mingi eginakuwadde gijja kufuulibwa…ebyama eby'amaanyi bigenda kutegeerebwa, era abantu ababadde abannakuwavu bajja kussanyuka. [Ekibiina ne kijaguza -Muk.]
Mu musaalaba gwo,
Gye nteeka ekitiibwa
Okutuusa emmeeme yange,
Lw'eriwummula eyo okusuka omugga.

91 Nga Yokaana owedda, bwe yakaddiwa ennyo nga tasobola kubuulira, yatuula nga butuuzi naleekaana, bangamba nti na maanyi ge gona, “Abaana abato mwagalane!” mwagalane. Temuleeka kintu kyona kujja mu masekkati gammwe, olaba. Byonna, mubyeggyeko…yee, si songa kiki, kkyeŋŋange. Tuli mu kkubo tugenda Nineeve. Mulaba? Togenda ku eryo eryato ekadde erigenda e Talusiisi, eryo erikujja mu banno. Leka tutambula nga twambuka wangulu ku mugga gwe mikisa gya Katonda. nzikkiriza nti tugenda kukifuna. Kitaffe mukkiriza.

92 Owulira bulungi ko kaakati mwanyinazze? Ekyo kirungi. Eyo yengeri gye njagala okulabamu abaana nga bazaalibwa, ekyo nga kiyitaamu. [mwanyinaffe ne yeyongera okusaba ng'ajaguza -Muk.]

Ndowooza ku myaka egiyise, mu kifo kino kyennyini, emitwalo ne mitwalo emeka egizaaliddwa mu bwa kabaka bwa Katonda, wano wennyini ku ttaka lino. Nga twali tetumanyi, bwe twali nga tuyimiridde mu kifo kino ne nnusu kinaana mu nsawo zaffe, okukozesa okuzimba ekkanisa! Oh, yagamba nti, “Nze Mukama nkisimbye; nja kukifukirira na mazzi emisana ne kiro.” Era akikoze. Akikoze.

Katonda abawe omukisa.

93 Kaakati tukoteke emitwe gyaffe…. Kaakati, ekiro ky'enkya, mujjukire, enkungaana zigenda kubeera waggulu mu kizimbe ky'essomero wano. Era singa…tujja kubeera n'omuntu gwe tutadde wano kaakati, okulaga abantu engeri y'okutuukayo, kubanga wagenda kubeerawo abapya abagenda okujja.

Mu mwagala, mugambe nti "Amiina." [Ekibiina ne kigamba nti "Amiina." -Muk.] oh, si mulungi nnyo? ["Amiina."]

Nnali nnyimiridde wano kulubalama, era nga nnyimba oluyimba olwo olukadde:

Ku mbalama za Yoludaani eziriko omuyaga kw'ennyimiridde, lowooza, egyo gyali emyaka amakumi assatu egiyise, amakumi assatu mu essatu, emyaka assatu mu essatu egiyise.

Era nenkasuka eriiso erisuubira,

Eri ensi ya Kanaani ennungi ate essanyufu,

Eyo obugagga bwange gye buli.

Era bangi be nnabatiza, akawungeezi k'olwo, bali mitala weeri kaakati. Bwe baayimirira awo ne balaba eyo Emmunnyenye ey'Okumakya ng'ekka okuva waggulu mu Ggulu, nga nneekulungirivu bw'eti, n'Agamba nti, "Nga Yokaana omubatiza bwe yatumibwa okuleeta, okukulembera okujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo okwasooka, obubaka bwo bujja kukulembera okujja kwe okw'okubiri." Kyali kisoboka kitya okulowoozebwa? Naye ebigambo bya Katonda bya mazima, ebigambo bya Katonda byonna. Tuli mu kubeerawo kwa Kabaka ow'amaanyi. Katonda abawe omukisa.

Nga bwetukotese emitwe gyaffe, ŋŋenda kusaba ow'oluganda Neville, omusumba waffe ow'omuwendo, ajje wano atusiibule mu ssaala. Katonda akuwe omukisa ow'oluganda Neville

MESSAGE hub online

www.messagehub.info

Byabuulirwa

William Marrion Branham

"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7